Ebiragiro Bya Gabulyeri Eri Danyeri

Mukama akuwe omukisa ow'oluganda. Mwasuze mutyanno, ab'emikwano. Ebbugumu lingi nnyo, ffe okubeera mu kkuŋŋaaniro enkya ya leero, naye kya kitiibwa nnyo okubeera wano. Tuli basanyufu nnyo okuba nti tusobodde—tusobodde okubeerawo leero okuba mu lukuŋŋaana luno. Era nnakirangirira nti nja kuba n'okuyigiriza okukwata ku kino ekya *Wiiki za Danyeri Ensanvu*. Nga mu ezo Obubaka obulala bwonna obusigadde mwe butuukiririra nga sinnakwata ku—ku Obubonero Omusanvu. Nga mu bubaka obwo mulimu; Obubonero Omusanvu; Ebibonyoobonyo Omusanvu; Amakondeere Omusanvu; Ebiwoobe Ebisatu; omukazi ali mu njuba, okusuulibwa ebweru okw'ogusota ogumyufu; emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya okussibwako akabonero; byonna bibeerawo mu kiseera kino. Kale nnalowooza nga kijja kunneetaagisa okutandika na kino okusooka.

2 Kaakati, ebbugumu lingi nnyo. Tetugenderera kulwawo nnyo, tujja kwanguwako nga bwe kisoboka. Ate kino kiseera, emirundi egisinga, mwe batatera kutegeka nkuŋŋaana, abantu mwe batatera kutegeka nnyo nkuŋŋaana mu kkanisa. Ate, naddala, ate nga bonna balina ebizimbe ebirimu ebyuma ebiweweeza empewo, n'ebirala, mw'osobola okutuula n'okkalira n'owulira emirembe. Ekyo naffe twandyagadde okuba nakyo, naye mu kiseera kino tetukirina.

3 Bangi ku bajjajjaffe baatuulanga wabweru mu kasana akookya pperekетya. Buli lwe ndowooza ku ky'okwetondera abantu olw'obutaba na kizimbe kirimu byuma biweweeza mpewo, ebirowoozo byange buli mulundi biddayo eri mu Afirika gye baatuula mu mbeera y'obudde eya kibuyaga, nga abakazi enviiri zaabwe bwe zifuuyibwa kibuyaga ne zibabikka amaaso, naye ne batuula awo emisana n'ekiro, nga tebaseguka kuva we batudde; nga tebalya, tebanywa, yadde ekintu kyonna, naye ne basigala awo okusobola okubaako Ekigambo kimu bwe kiti, oba bibiri, wano na wali, kye bafuna okuva eri Mukama.

4 Ndowooza ku Mexico ebbugumu gye lyali ejjitirivu ennyo okutuusa nti, eky'amazima, ekisenge mwe nnali kyalimu ekyuma ekiweweeza empewo naye ate nga ngezaako kwewujja, nga ebbugumu lingi nnyo. Naye ne ndaba abantu abo nga batuuka ku ssaawa ssatu ez'oku makya, mu kisaawe ekyo ekinene, nga temuli na butebe, bwa kutuulako. Abantu abalwadde, abayi ddala, abanaatera okufa, abalwadde ba; kkookolo,

ab'ebizimba; ne ba maama abalwadde, abaana abato, abali obubi abanaatera okufa, n'abalala aba buli ngeri, ne bayimirira awo mu kasana ako akookya ppereketya, nga tewali yadde akasiikirize konna, ne beesigama buli omu ku munne okuva ku ssaawa ssatu ez'okumakya okutuusa ku ssaawa ssatu ez'ekiro, okusobola okuwulirizaayo eddakiika asatu bwe ziti okuyita mu muvvuunuzi n'okulaba emirimu gya Katonda. Ne batuula awo ne balinda, nga bambadde engoye eŋŋumu enzito, ze bambala mu biseera eby'obutiti ne ku musana. Kubanga ze zokka ze balina.

5 Bwe nva ku abo ate ne ndowooza ku lwe nnali eyo mu bibira ebyo, bwe baaleetanga abalwadde, abaabanga batasobola na kuva mu kifo. Ne mu Buyindi, gye baabatuumanga awamu omu ne bamussa wansi, ne bamugalamizaako omulala waggulu, n'omulala waggulu w'oyo, bwe batyo, nga balina ebigenge n'endwadde ezitali zimu; bwe baabawalulanga okubaleeta, nga babayisa mu nguudo, ne babaleeta ne babagalamiza mu kasana ako, ppereketya, akeememula okukamala. Mu kibuyaga akunta, alimu okumyansa kw'ebimyanso, n'ebirala bwe bityo, naye ne bagalamira mu kasana ako ne kibuyaga, na buli kimu, ne bataseguka yadde okwemulugunya, nga . . . nga bagezaako okubaako waakiri Ekigambo kya Katonda kye bafunayo, wano na wali, ku lw'emmeeme zaabwe. Kati ffe nga lwaki twetonda enkya ya leero, nga waggulu ku ffe tulina n'akasolya, n'ebiwujja empewo ebikola? Ekyo bwe tukyemulugunyaako tusaanye tukwatibwe ku nsonyi.

6 Kati nzijukira ebbanga si ddenge nnyo eriyise, ku kizinga ekimu, ekimu ku bizinga ebisangibwa ku Gayanja kirimulaala ag'omu Bukiikaddyo, Nnalinayo olukuŋŋaana ekiro ekyo. Era, ha, ne wajja omuyaga. Ha, nnali sirabanga ku muyaga nga guli, nga gulimu okumyansa okw'omuddiriŋŋanwa, nga kumyansa ne kumulisa ekitundu kyonna. Embuyaga ne zikunta okukkakkana nga emiti gyonna giri kiri ttaka. Muli ne ŋŋamba nti, "Naye, kati balabika . . . ndowooza essuuti yange ne bwe ngiggyamu, kubanga kati tewagenda kubaayo muntu yenna."

7 Mu ddakiika ntono ne wajja emmotoka entonotono n'esimba kumpi n'oluggi, ne wabaawo akonkona ku luggi, nga ankimye tugende.

Ne mbuuza omuvubuka oyo, yali asobola okwogera Olungereza, ne mmubuuza nti, "Emmanga eyo waliwo omuntu yenna?"

N'aŋŋamba nti, "Tolina na bw'oyinza kusemberera kifo ekyo kubanga abantu babooze bakoma eri," mu kisaawe ky'omupiira ekinene.

Ne mmubuuza nti, "Ky'ogamba abantu bali—bangi bwe batyo," ne ŋŋamba nti, "ku kibuyaga abadde ow'amaanyi bw'ati?"

Ne baŋŋamba nti, "Baagala kuwulira bikwata ku Katonda."

8 Bwentyo ne—ne nserengeta ne ŋŋendayo. Era waaliyo abakyala, abawala abato, abavubuka, ate nga tebali mu kwemwentula na kwesesaasesa, na kugaaya bbabo ggaamu, na kunyumya ku mikwano gyabwe abalenzi. Naye buli Kigambo ekyayogerwanga, nga bakisizzaako ddala omwoyo; nga tebasagaasagana, wabula nga bakkalidde mu kifo kimu bawuliriza. Bwe twayita abaagala okulokoka, okuyita obuyisi abaagala okulokoka, enkumi n'enkumi ne basituka, nga bwe bakulukusa amaziga bwe batyo, nga emikono gyabwe bagiyimusizza eri Katonda, baagala okusaasirwa ku lw'emmeeme zaabwe, abavubuka abawala n'abalenzi, ab'emyaka kkumi na musanvu, ne kkumi n'omunaana. Naye leero okufunayo abakuwuliriza ka babeere abakadde nakyo kizibu, mukiraba. Ekyo—ekyo kitulaga nti tetulina na kye tulina kwemulugunyaako yadde. Katonda yeebazibwe! Yee, ssebo.

9 Twandyagadde okuba n'ekizimbe eky'omulembe nga n'abalala mu Amerika bye balina, naye tetunnasobola kuba nakyo; n'olwekyo tujja kugira tukozesa ekyo kye tulina.

10 Kati, nninayo akantu akatonotono wano ke nnajjukidde ke nnandyagadde okuddamu okukola mu kkuŋŋaaniro wano. Bameka nga olina Bayibuli? Yimusa omukono gwo. Kirungi. Leka tubikkule mu Zabbuli ey'e 99 nga tetunnasaba. Kino twakikolanga edda, Ow'oluganda Neville, emyaka mingi egiyise. Ssimanyi oba nga. . . Mubadde mwasomyeyo Zabbuli yonna enkya ya leero? [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Nedda."—Omuk.] Nedda. Njagala, ekibiina, kibeeko Zabbuli gye kisoma.

11 Enkya ya leero, bwe mbadde mu kasenge kange gye nsomera, nga nfumiitiriza ku Bubaka buno n'Ekigambo, muli ndowoozezzaamu nti, "Naye omanyi, kirungi okuddamu okubeera—okubeera n'okusoma Zabbuli. Nkyagala nnyo."

Ensonga lwaki nkeereyeemukko, wabaddewo essimu gye babadde bankubidde okuva ewala, ebadde eva Cheyenne, kale eyo y'ensonga lwaki nkeereye.

12 Era kaakano, nga bwe tubikkula Zabbuli eno, nnina ebirango eby'okuyisa, ebyakampeebwa. Nga bwe tubikkula Zabbuli 99.

13 "Okuva leero, ebirango byonna ebikwata ku nkuŋŋaana eza wano mu kkuŋŋaaniro, ne mu nkuŋŋaana endala ezitali wano, bijja kuvanga mu wofiisi e Jeffersonville. Oyo yenna eyandyetaaze okumanya ebikwata ku nkuŋŋaana ateekwa okujjuza olupapula olubuuza ebikwata ku nsonga eyo, oba n'awandiika erinnya lye, n'endagiriro ye, n'abiteeka ku kituuti olukuŋŋaana luno bwe lunaaba luwedde ekiro kya leero. Ojja kusindikirwa okuddibwamu mu budde osobole okweteekateeka okubaayo mu nkuŋŋaana ezo."

Kati ekyo kitegeeza nti, gye bujja bwe wabaawo omuntu yenna eyandyetaaze okumanya wa gye tunaabeera

n'enkuŋŋaana, kati tutaddewo enkola, wabweru ku wofiisi, nti osobola okuwandiika erinnya lyo n'endagiriro yo n'obiteeka wano. Ffe tujja kuba tukuweereza kaadi, mu budde, osobole okumanya wa enkuŋŋaana gye zinaabeera, ob'olyawo n'emitwe egigenda okuyigirizibwako, n'ebirala ebyetaagisa okumanya, bw'onaaba nga ofunye omukisa. Olaba, bwe mutabeera na kifo kitongole ebirango ebyo gye biva, mweesanga nga omu ayogera *kino* ate omulala ayogera *kiri,* kweggamba ne mu—ne mutabulwa, mukiraba. N'olwekyo wa . . . Wandiika erinnya lyo wamu n'endagiriro yo obiteeke wano, Billy Paul ajja kubijjawo abiweeyo.

14 Kati, era kyabuuziddwa, oba nga wanaddamu okubaawo . . . "Ow'oluganda Branham, onaddamu n'obeera n'enkuŋŋaana ez'okusabira abalwadde mu kkuŋŋaaniro, ezirimu n'okwawula emyoyo?" Nedda. Nedda. Okwawula emyoyo kujja kuweebwanga a—akakiiko kaffe akalala. Tulina Ow'oluganda Neville wano kati alina ekirabo eky'obunnabbi, awa obunnabbi ku balwadde n'abategeeza bye baba beetaaga okumanya. Tulina n'owoluganda ayitibwa Higgi- . . . Higginbotham, omu ku . . . yali omu ku bayima, era yaweereza mu bwesigwa ku kakiiko ako. Enkya ya leero simulabawo, naye atera okuba n'ekirabo eky'okwogera mu nnimi. Wamu n'omukyala ayitibwa Arganbright, mwannyinaffe omwagalwa alina ekirabo eky'okuvvuunula ennimi.

15 Era obubaka buno buzze bukakasibwa okuba nti bwa Katonda, kubanga eky'amazima kiri nti tebujjira mu nkola etali nnuŋŋamu, wabula bujjira mu nkola entuufu ddala yennyini. Era amangu ddala nga ebirabo bino byeyongedde obungi, tujja kugezaako o—okufuna e . . . okubiruŋŋamya mu nkola entuufu mwe bisaanidde okukolera mu kkanisa, ku ngeri gye birina okukolamu. Era mu bbanga ttono ddala ŋŋenda kubasisinkana, kibeere nti e—kibeere nti e—enkuŋŋaana zigenda mu maaso bulungi mu ngeri yennyini ddala etuukiridde mu nkola ya Mukama waffe, nga bwe tunaaba tusobodde okuba nazo.

16 Naye abantu bano abaagalwa, nga bwe ntegeezebwa muliranwa wange, Muky. Wood, alina akazindaalo akawanikiddwa waggulu wano eno, n'olutambi lwa kaseti emabega wali, okusobola okukwata ku lutambi ebigenda mu maaso mu lukuŋŋaana, n'ekigendererwa eky'okukwata obubaka obwo obubeera bwogeddwa, abeeko ne w'abuwandiika, okulaba oba nga butuufu oba nedda. Mukiraba? Bw'atyo bw'abukebera. Muky. Wood mmumanyi nga omukazi omwesimbu. Era aŋŋamba nti waliwo ebintu bingi ebizze byogerwa, ebigenda bituukirira.

17 Kati, ekyo tukisiimira ddala. Ekyo nga kimpa obuweerero nga ndi eka! Bwe nzirayo eka, kati . . . Okwawula emyoyo okwo ku ludda olw'obunnabbi kunkamulira ddala, kale, n'olwekyo, Katonda ampeerezzaayokko okuwewulwamu mu nsonga eyo, okuyita mu bunnabbi, n'okwogera mu nnimi, n'okuzivvuunula,

nga ate nakyo buba bunnabbi. Ekyo nakyo, bunnabbi, okwogera mu nnimi. Wabeerawo abantu babiri ababeera bawa obunnabbi. Omu ayogera, ate omulala n'ategeera oli by'ayogedde mu lulimi olutamanyiddwa, buba bunnabbi bwennyini. Kale kati tujja ku. . . Ebyo tubeera nabyo buli lunaku, buli lukuŋŋaana wano we tubeera n'enkuŋŋaana ezibaamu okusabira abalwadde.

18 Kati, wayinza ate okubaawo abuuza, nti e. . . ebikwata ku kirabo. Weewaawo ekirabo nkyakirina. Naye mu nkola eyo bw'etyo, engeri yokka gye nkikozesaamu, nkikozesa mu nsisinkano ze mba nazo, n'abantu ssekinnoomu. Era, nga okusobola okuteekebwa ku lukalala lw'abo be nnaasisinkana, nzikiriza kyatimbiddwa ku kipande kwe bateeka ebirango emabega wali, okusobola okufuna olukusa era n'okufuna obudde obutuufu, oyita mu Billy Paul, mutabani wange, eri abo be nsisinkanira wano ne be nnaasisinkana mu nkuŋŋaana endala ezinaagoberera luno. Ebweru eyo mu njiri, na buli wamu, oteekwa okuba ne ka kaadi Billy Paul k'anaakuwa. Bw'oba olina ekintu kyonna mu bulamu ky'olemeddwa okutegeera, nga tomanyi bw'onaakivvuunuka, nga onoonya okumanya amagezi ga Mukama ku kyo, ojja ku. . . Laba Billy Paul, mutabani wange, nga ye muwandiisi, ajja kubaako ka kaadi k'akuwa, akulambikire n'olunaku, n'essaawa kw'onosisinkanirwa.

Era bwe tunaabanga tusisinkanye bwetutyo, tujja kubeeranga babiri ffekka munda eyo, ggwe nange. Bwe banaabeera bakazi nga be bajja, mujja kuyingiranga nange munda wamu ne mukyala wange. N'ekirala ojja. . . Tujja kuzuulanga, era tunoonye Mukama tumubuuze ky'olina okukola.

19 Kati, ensonga endala, ezitali za maanyi n'ebintu ebirala ebigwa mu kkowe eryo, bikwasiddwa Ow'oluganda Neville, n'Ow'oluganda Higginbotham, ne Mwannyinaffe Arganbright, n'abalala aboogera ennimi n'okuzivvuunula, abali mu kkanisa wano.

20 N'olwekyo, tufaananamukko n'olugendo luli. Nzikiriza yali Yesero, y'eyagamba Musa lumu, nti labayo eno, "Leka tubeeko abakadde be tulonda." "Bw'atyo Omwoyo wa Katonda n'aggyibwa ku Musa n'azzibwa ku bakadde ensanvu, era ne balagula. Naye ebintu ebikulu era ebikalubo byo byagendanga eri Musa yekka." Kati, tetuli Musa, na bano si be bakadde bali, naye era naffe tuweereza Yakuwa Katonda, nga tulina Empagi y'Omuliro y'emu nga etukulembera okututwala mu Nsi ensuubize.

Kale, n'olwekyo, weewaawo, wajja kubaawo endala, wajja kubaawo enkuŋŋaana ezinaabaamu okuvvuunu-. . . Okwawula emyoyo mwe kunaabeera. Kati ekyo kijja kuba kimpa akakisa okubeera mu kusaba n'okusoma, mu nnaku ezo ze nnaaba

mmanyi nti ŋŋenda kubaaako abantu be nsisinkana, nsobole okubeetegekera.

21 Kati mujjukire nti, Billy Paul Branham, omuwandiisi waffe mu njiri ey'ebweru, ajja ku. . . Kitimbiddwa ku. . . Ekirango kyatimbiddwa ku kipande ky'ebirango emabega wali, abayima baakitimbye weekiri. Nnina wano akawandiiko akampeereddwa akakwata ku kirango ekyo okukiranga, n'okutegeeza abantu nti basobola okukisoma ku kipande okutimbibwa ebirango by'ekkanisa, bwe banaaba bafuluma.

22 Kati, kati, enkya ya leero tulina eky'okuyigako ekikulu ddala, era akawungeezi ka leero tujja kugezaako okweyongera mu maaso nakyo. Era, Mukama bw'anaaba ayagadde, ne Ssande ejja, era tweyongere okukigenda mu buziba, tubeeko ekitundu ekirala kye tukwatako. Nnali simanyi buziba bwakyo okutuusa lwe nnatandika okukisomako nga nkyekkaanya. Naye era newankubadde nkisomyeko ne nkyekkaanya, era, kikyali kyama gyendi, n'olwekyo nneesigamye ku Mukama yekka.

23 Kati, eri mmwe abalina Bayibuli zammwe, leka tubikkule mu Zabbuli ey'e 99, 99. Kati ŋŋenda kusoma olunyiriri 1, ekibiina kisome olunyiriri olw'oku 2, bwe tunaaba tumaliriza ffenna wamu tusome olunyiriri olusembayo. Tweyongereyo mu maaso bwetuyo nga bwe tusoma; nze, nsome 1; ekibiina kisome, olw'oku 2; nze nsome olw'oku 3; ekibiina kisome, olw'oku 4; bwe tutyo okutuuka ku lunyiriri olusembayo, olwo tulyoke tulusomere wamu ffenna. Leka tuyimirire nga bwe tusoma Ekigambo kya Katonda.

Mukama afuga; amawanga gakankane: atuula wakati wa bakerubi; ensi esagaasagane.

Mukama mukulu mu Sayuuni; era ali waggulu okusinga amawanga gonna.

Batendereze erinnya lyo ekkulu era ery'entiisa; kubanga ttukuvu.

Era amaanyi ga kabaka gaagala omusango ogw'ensonga; Ggwe onyweza obutuukirivu, otuukiriza omusango n'obutuukirivu mu Yakobo.

Mumugulumizenga Mukama Katonda waffe, era musinzizenga ku ntebe y'ebigere bye; ye mutukuvu.

Musa ne Alooni mu bakabona be, ne Samwiri mu abo abakoowoola erinnya lye; baakaabira Mukama, n'abayitaba.

*Yayogerera nabo mu mpagi ey'ekire: baakwata bye yategeeza, n'*ebiragiro bye *yabawa.*

Wabaddamu, Ai Mukama Katonda waffe: wali Katonda abasonyiwa, newakubadde nga wawalana eggwanga olw'ebikolwa byabwe.

Mumugulumizenga MUKAMA *Katonda waffe, musinzizenga ku lusozi lwe olutukuvu; kubanga* MUKAMA *Katonda waffe mutukuvu.*

24 Leka tukoteke emitwe gyaffe.

Mazima ddala, Mukama, Ebigambo bino byawandiikibwa era byawandiikibwa omuweereza Wo, Dawudi, mu Zabbuli gye yakuwandiikira. Ggwe atuula wakati wa Bakerubi. Oli mutukuvu, era n'olusozi Lwo lutukuvu. Tusaba otukkirize tukusemberere n'emitima egimansiddwa n'Omusaayi gwa Mukama waffe Yesu, n'ebirowoozo ebirongoofu, nga tulina okukkiriza wamu n'obukakafu nti tujja mu Kubeerawo kwa Katonda waffe. Leka abantu bano bonna abawuliriza enkya ya leero babeere n'okussaamu ekitiibwa. Ggulawo amatu g'okutegeera kwaffe. Yogera nga oyita mu ffe, mu magezi, tusobole okumanya engeri gye tulina okweyisaamu mu nnaku zino ne mu Maaso Go.

25 Tukusaba ayi Ggwe, Katonda waffe, otubikkulire ebintu bino eby'ekyama ebibadde bikwekeddwa emyaka gino gyonna, nga bwe tuyingira mu bimu ku Bigambo ebisingayo okuba eby'amazima, era eby'ekitiibwa. Wabyogerako bwe Wali wano ku nsi, n'ogamba nti, "Oyo asoma, leka ategeere." Na bwe kityo, n'obuwombeefu obungi tujja gy'Oli, ayi Mukama, nga tunoonya okumanya amagezi Go, nga tetumanyi kiki kyennyini eky'okwogera. Nga tulinawo wano Ebyawandiikibwa ebitonotono ebisengekeddwa, naye mu bwetowaze nga twesigamidde ddala ku Ggwe okusobola okufuna okwanukulwa, nga tetulina kigendererwa kirala kyonna wabula tusobole okumanya akaseera ke tulimu, tusobole okwetegekera ebintu ebikulu ebijja mu maaso. T'okituwe, ayi Mukama? Mu Linnya ly'Oyo Eyatuyigiriza ffenna tusabenga bwe tuti nti:

> Kitaffe Ali mu Ggulu, Erinnya Lyo Litukuzibwe.
> Obwakabaka Bwo bujje. By'oyagala bikolebwe mu nsi, nga bwe bikolebwa mu Ggulu.
> Otuwe leero emmere yaffe eya buli lunaku.
> Otusonyiwe okwonoona kwaffe, nga naffe bwe tusonyiwa abatukola obubi.
> Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole eri obubi. kubanga Obwakabaka, n'obuyinza, n'ekitiibwa Bibyo, emirembe n'emirembe. Amiina.

26 Mutuuleeko. Kaakati, bwe waba waliwo omu ku basajja eyandyagadde okuggyako ekkooti ye, oli wa ddembe okukikola. N'abo abayimiridde abeesigamye e—ebisenge, bw'owulira nga ebigere bikuluma, bambi, oli wa ddembe okufulumako ebweru.

27 Era kati, ndowooza, abaana bwe baba bandyagadde okugenda mu bisenge byabwe gye bayigiririzibwa, simanyi

oba baasiibuddwa dda? [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Nedda, tebasobola kugendayo. Amakya ga leero okuyigirizibwa kw'abato tetusobola kuba nakwo, olw'obungi bw'abantu."—Omuk.] Omusumba agambye nti ne mu bisenge abato gye bayigiririzibwa nayo abantu bajjuzzaayo, kale tetusobola kubeera ne Ssande sukuulu eri abato. Kale kati eri mmwe abato tunaasanyuka nnyo nnyini singa mukolagana naffe, kubanga enkya ya leero tulina, tutandika Obubaka, obukulu ddala bwe nkakasa nti bugenda kubeera bwa mugaso nnyo ddala eri bakitammwe, ne bannyammwe, n'eri abaagalwa bammwe abali wano, n'eri mmwe abato. Kale, tubutandikako n'okussaamu ekitiibwa mu bwetowaze.

28 Mukama bw'aba bw'ayagadde, enkya ya leero tugenda kutandika ku ky'okuyigako ekya wiiki za Danyeri ensanvu. Era ku makya gano twogera ku Danyeri nga ali mu buwambe, ne Gabulyeri nga ajja gy'ali okumuwa ebiragiro ebikwata ku biseera eby'omu maaso. Danyeri bwe yali nga ali mu kusaba, Malayika, Gabulyeri, yajja gy'ali okubaako ebiragiro by'amuwa.

Leero, njagala okwogera ku bigendererwa omukaaga eby'okujja Kwe, ensonga mukaaga ez'enjawulo ze tugenda okwogerako leero, ezaaleta Gabulyeri.

29 Ssande ejja, nga Mukama ayagadde, njagala nsimbe ensonga awamu n'ekiseera ky'Emirembe Omusanvu egy'Ekkanisa, n'ekiseera mwe gigwa, ne wa we tuli leero. Ekyo kiriba kya ku makya ga Ssande ejja, nga Mukama ayagadde.

30 Kati, ensonga lwaki kino nkikoze. Nnazze n'ebimu ku bintu ebitonotono bye nnali njulizaako mu bumu ku Bubaka bwange bwe nnaakasembayo okubuulira. Era enkya ya leero njagala okuddayokko emabega mu bye nnayogerako, kubanga bino bikwatibwa ku lutambi olwa kkaseti olunaasaasaanyizibwa mu nsi yonna, mu mawanga mangi. Kale, bulijjo, ensonga lwaki nzirayokko emabega mu bye nnayogerako, eri nti ob'olyawo wayinza okubaawo omuntu awuliriza olutambi omulundi gwe ogusooka, ayinza obutategeera kye ntegeeza bwe mbaako ne kye njulizaako.

31 Kati tumaze emyezi egiwerako nga tuyiga ku Kitabo ky'Okubikkulirwa, Okubikkulirwa kwa Yesu Kristo. Twayiga ku mirembe gy'ekkanisa. Essuula essatu ezisooka ez'Okubikkulirwa ze zoogera ku mirembe gy'ekkanisa. Oluvannyuma Yokaana n'asitulibwa mu ssuula ey'oku 4 n'ey'oku 5, n'alagibwa ebintu ebya—ebyali bigenda okuddirira. Kati, ku ssuula ey'omu 6, akomawo nate ku nsi, okulaba ebintu ebigenda mu maaso ebibaawo okuva mu ssuula ey'omu 6, olunyiriri 1, okutuuka ku ssuula ey'e 19 n'olunyiriri olwa 21. Mu ebyo mwe muli Obubonero, Ebibonyoobonyo, Ebiwoobe, enzige, o—omukazi ali mu njuba, n'okusuulibwa ebweru

okw'ogusota ogumyufu, emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi nnya okussibwako akabonero, n'ebintu bino byonna.

32 Eno ebadde wiiki ey'okusomera ddala okw'amaanyi. Eggulo, olunaku lwonna, kumpi ssaafulumye kuva mu kisenge, nga ngezaako okusoma. Ate kino kintu ekibeerawo mu biseera eby'enkomerero, bangi ku be tubaddenga nabo wano, be nnakiyigirizaako, nnagamba bugambi nti, "Munda muno mwe muli wiiki za Danyeri ezo ensanvu," naye ssaagezaako kuziyingiramu, kuzinnyonnyola. Naye ku mulundi guno, olw'ekisa kya Katonda, nnazitadde ku mutima gwange okugezaako okusaba ekisa eri Katonda, nsobole okuzireeta eri abantu. Era mu ky'okuyigako kino nzudde ebintu bingi bye mbadde ssirina kye mbimanyiiko.

33 Era, kati, mbadde—mbadde nsoma ekitabo kya Dokita Larkin, ekitabo kya Dokita Smith, ne Dokita Scofield bye yawandiika, okunnyonnyola okw'enjawulo okuva mu basajja okuva buli wamu, naye era n'endowooza zaabwe ezo zonna era ssisobodde kuzikwataganya wamu kuggyamu kituufu. Mukiraba? Kale, wiiki eno nteekateeka oku, mbaddenga ŋŋenda mu tterekero ly'ebitabo eriri mu Kentucky, nga nsoma ku kumu ku kunoonyereza okw'edda ennyo okukwata ku by'omu bwengula okwesigamizibwa ku zi kalenda ez'enjawulo awamu n'empima y'ebiro, era nga nkuŋŋaanya ebitabo eby'enjawulo okuva mu materekero g'ebitabo ag'enjawulo, n'ebifo ebitali bimu, ebitabo eby'edda ennyo byonna bye nsobodde, era nga ngezaako mu kitono kye nsobola okukola, nga ntadde obwesige bwange bwonna mu Yesu Kristo okuzimbikkulira.

Kubanga, saagala kibeere kugamba nti, "Mmanyi *kino*, mmanyi na *kiri*." Ye amanyi omutima gwange. Ampuliriza kaakano. Naye nnayagadde, nsobole okutangaaza abantu Be, n'olwekyo nzikiriza nti Ajja kuzimbikkulira. Mu kaseera kano sizimanyi, naye nneesize Ye ku lwa Ssande ejja, kubanga ekyo kye kijja okuba ekitundu ekikulu ennyo ddala, Ssande ejja, okumanya awamu n'okulambika wiiki ezo ensanvu mu kiseera we zibeererawo.

34 Buli emu ku zo ebeerawo mu kiseera kya njawulo. Ate bw'ozisimba mu biseera byazo we zibeererawo, n'ozimalayo zonna zonna, ne zitakwatagana nga bwe zirina okuba, ziba tezijja kukwatagana mu biseera byazo nga bwe zirina kuba. Tezisobola. Kale, n'olwekyo, nnyinza—nnyinza okuba nga sisobola kuzirambika bulungi nga bwe zirina kuba, naye ŋŋenda kwesiga Mukama okumpa okunnyonnyola kwazo.

35 Era nzijukira Sulemaani lumu bwe yeegayirira n'asaba Mukama Katonda Amuwe amagezi, si ku lulwe nga ye, "teyamusaba kumwongerako nnaku za bulamu, teyamusaba kuwangaala nnyo, teyamusaba bya bugagga," wabula yamusaba abeere n'amagezi asobole okumanya engeri y'oku—y'oku—

y'okulamulamu abantu ba Katonda. Era Katonda n'assa ekitiibwa mu ssaala eyo, n'awa Sulemaani amagezi ago, kubanga gaali ga kukozesebwa ku lwa bantu Be. Nange y'ensonga lwaki nsaba Katonda annyambe ntegeere wiiki zino ensanvu kye zitegeeza, kubanga mmanyi nga ye kalenda yennyini ey'omulembe gwe tulimu kaakano. Kale, n'olwekyo, njagala nzitegeere; si ku lwange nga omuntu, nze . . . nsi ku lwange. Weewaawo, okuzitegeera njagala nzitegeere. Ekyo sikyogera kukitegeeza mu ngeri eyo bwe ŋŋamba nti, "Si ku lwange nga nze omuntu," kubanga kwo okuzitegeera nneetaaga okuzitegeera nga nze. Njagala nzitegeere, kubanga njagala ntegeere wa we tuli na kiseera ki kye tulimu. Ate, nga, nkimanyi nti ekyo kyaweebwa.

36 Era abantu ab'enjawulo bazze bazinnyonnyola, naye nga baziteeka mabega eri. Omu, gwe mbadde nsomako, zonna yalaga nti zaggwerako eri mu 1919, wiiki zino ensanvu. Naye, ekyo tekyali kituufu.

Kubanga, wiiki zino ensanvu, wiiki zino ensanvu bwe ziggwaayo, byonna biba biwedde. Kale te—tetwagala . . . Twagala kumanya Amazima gennyini. Era nsaba Katonda ampe Amazima gennyini.

37 Kati, kino okusobola okukiwa we kyesigamizibwa, nga nzirayokko emabega, njagala okubaako ebintu bitonotono bye twayigako bye nziramu. Kale, n'olwekyo, nnawandiseeyokko ebimu ku bintu ebitonotono bye nnali njulizaako, bye twayigako mu ssuula ey'oku 5, mu ssuula ey'oku 4 n'ey'oku 5, abantu basobole okukitegeera. Okusookera ddala, nga kino tetunnakiyingiramu, njagala nzireyokko emabega, musobole okukifuna okuva mu y'oku 4 . . .

Kati, mujjukire nti, essuula ey'oku 3 gwe gwali Omulembe gw'Ekkanisa ya Lawodiikiya, era Ekkanisa yasitulibwa n'etwalibwa ku nkomerero ya Lawodiikiya.

38 Kati, nnali ngezaako okubaako ne kye nnyinyonnyola mukyala wange ku bikwata ku wiiki ezo. Nnali ne Becky, muwala wange, nga tulina enkuluze ez'enjawulo n'ebintu ebirala eby'enjawulo bye twasobola okufuna. Naye nga byonna tebirina kya kuddamu. Ne nfuna enkuluze ya Bayibuli. Ne nfuna enkuluze y'olulimu Oluyonaani olw'edda. Ne—ne nfuna eya Webster n'ebirala bingi, n'enkuluze empya ez'ennaku zino. Nga ku zonna tekuli n'emu esobola yadde oku . . . okuwa amakulu g'ebigambo ebyo ka kibeere eky'okuddamu, kyonna.

39 Mukyala wange kwe kumbuuza nti, "Kati osuubira otya abantu baffe, abaavu, nga n'abasinga obungi ku bo tebaasoma nga ffe, okutegeera ebintu nga ebyo?"

Ne mmuddamu nti, "Katonda ajja kutuwa eky'okuddamu."

40 Ka kibeere kikalubo okwenkana wa, Katonda asobola okukimenyaamenya n'akifuula kyangu. Kubanga ye ffe ba . . . tuli kitundu ku bantu abo abayaayaanira, era abasabira olunaku olwo n'essaawa eyo. Era amaaso gaffe tugeekalirizza eri Eggulu, nga tulindiridde Okujja Kwe. Era nkakasiza ddala nti Ajja kuzitulaga. Kati, tezijja kututegeeza lunaku na ssaawa, kubanga ebyo tewali muntu yenna alibimanya, naye amazima gali nti zijja kututegeeza olunaku lwa wiiki lwe tulimu, singa tunaaba tuzitegedde.

41 Kati, mu ssuula ey'oku 4, Yokaana yasitulibwa amangu ago n'atwalibwa, oluvannyuma lw'Ekkanisa. Yokaana, mu kusitulibwa waggulu, yalaba omulembe gw'Ekkanisa gwonna mu bujjuvu. Awo we njagala nsooke nsimbe akati, okumala akaseera katono ddala, ŋŋambe, nti: abantu bangi abasuubira ekintu eky'ekitalo, eky'amaanyi ennyo, eky'amaanyi okubaawo, mu mulembe gw'Ab'amawanga, nti bakyamu nnyo ddala mu ekyo. Omulembe gw'Ekkanisa, ne byonna eby'okubaawo mu kiseera ky'Ab'amawanga, biwandiikiddwa okuva mu Kubikkulirwa essuula 1 okutuuka mu Kubikkulirwa essuula ey'oku 3, nga nayo kw'eri. Okuva awo Ekkanisa esitulibwa n'etwalibwa mu kukwakkulibwa, era ebirala bino byonna ebisigadde, okutuuka ku ssuula ey'e 19, bye bibaawo eri olulyo lw'Abayudaaya, nga Ekkanisa emaze okusitulibwa n'etwalibwa. Era ekyo kye kiseera eky'Ekibonyoobonyo ekinene, tewali kintu kirala kyonna kibaawo eri B'amawanga; okuggyako okusanjagibwa, n'ebiri nga ebyo, nga bwe tujja okukituukako tukirabe.

42 Naye Ekkanisa, Yo, ebeera egenze ku lw'e 13 . . . Ku lunyiriri olusembayo olw'essuula ey'oku 3 ey'Okubikkulirwa, nga Omulembe gw'Ekkanisa ya Lawodiikiya guweddeko, nga gwe gwali gusembayo.

43 Era twakwata ku buli mulembe gwa kkanisa, ne tukwata ku buli kiseera eky'ebiro, ku buli kintu ekyabaawo, buli mmunyeenye, buli mubaka, enkula yaabwe bwe yali, bye baakola, byonna ne tujja nga tubiraga okuyita mu byafaayo byonna okutuuka ku mulembe ogusemberayo ddala, ne tukuba ekifaananyi kyagyo, awo ku kisenge. Bwe twamaliriza, Omwoyo Omutukuvu n'ajja n'akuba enkulungo y'emu eya buli gumu ku mirembe egyo n'azikuba ku kisenge, n'agibikkula Ye kennyini nga agitubikkulira wano wennyini.

44 Kaakati, mu kukola kino, nneesize nti, we tunaamalirako eky'okuyigako kino Anaabaako ekintu eky'ekitalo ky'ajja nakyo addemu nate atulage nti tuli mu kiseera kya nkomerero.

45 Bameka ku mmwe abaawulidde ebigambo bya Kennedy . . . Okwogera kwa Pulezidenti Kennedy, ebigambo bye yayogedde n'ebirala? Bameka abaawulidde okuteebereza kuno, okugamba nti, Janwali nga 1 we lunaatuukira, kiteeberezebwa nti

amawanga gombi erya Amerika n'erya Russia gajja kuba lunyata? Ekyo kye kyokka kye twetaaga. Obudde buyise nnyo n'okusinga bwe tulowooza. Mukiraba? Kati, bwe tuba nga tusembedde nnyo ddala bwetutyo okutuusa okuba nti n'abasajja b'ensi eno bateebereza ekintu kino eky'akatyabaga ennyo okuba nti kigenda kubaawo, kitugwanidde okubeera ku bwerinde, nga buli kimu kyonna kitereezeddwa nga bwe kirina okuba, ebyetaagisa okwenenya nga byonna byenenyezeddwa, nga buli kimu kitegekeddwa, kubanga tetumanyi kiseera ki kyennyini Mukama waffe mw'agenda kutuyitira. Era bw'Anaatuyita n'agamba nti, "Mujje eno waggulu," kirungi osangibwe nga oli mwetegefu. Ate kijja kubaawo mu kaseera mw'otakisuubirira kubaawo.

46 Okudda obuggya kw'Abapentekoote okw'amaanyi kaakano kugenda kukomekkerezebwa. Tukiraba buli wamu, omugendo ogw'ekitalo ogusemabyo. Obubaka bubuuliddwa. Kati buli kimu kiri bulindaala, kirindiridde. Ekkanisa essiddwaako envumbo. Ababi beeyongera kukola bubi. Amakanisa geeyongera kuba ga mikolo bukolo. Abatukuvu beeyongera okusemberera Katonda. Ebirabo by'Omwoyo bitandise okweyongera okwekubisaamu mu bungi wakati mu bubinja obutonotono. Tuli mu kiseera kya nkomerero. O, njagala nnyo oluyimba olwo lwe twayimbanga mu kkanisa.

Nnindiridde okujja kw'olunaku olwo
olw'Okufuga okw'emyaka olukumi
okw'essanyu,
Mukama waffe ow'omukisa lw'Alijja n'atwala
Omugole We alindiridde;
O, omutima gwange gusinda, guyaayaanira
olunaku olwo olw'okuteebwa okw'essanyu,
Omulokozi waffe lw'alikomawo nate ku nsi.

47 Nnindiridde kaseera ako! Kati, mu ssuula ey'oku 5 n'olunyiriri olw'oku 5, twalaba, mu ky'okuyigako kyaffe ekyayita, nti twayogera ku Mununuzi ow'omu Lulyo lwaffe, gwe twalaba nti yali Kristo. Ekyalabisibwa mu Luusi: Luusi nga asalawo; Luusi nga aweereza; Luusi nga awummula. Okusalawo, kwali kwoleka kuggyibwako musango; okuweereza, nga yeteekateeka, ne kwoleka okutukuzibwa; okuwummula, ne kwoleka okuba n'Omwoyo Omutukuvu, okutuusa Ekijjulo ky'Embaga lwe kyatuuka. Nga Kirungi nnyo!

48 Ekkanisa yajja okuyita mu John Wesley, okuggyibwako omusango, manyanga . . . Martin Luther, okuggyibwako omusango; n'eyita mu John Wesley, okutukuzibwa; n'eyita mu Bapentekoote, okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu; era kati, ewummudde, erindiridde Kujja kwa Mukama Waayo. Ekifaananyi kye kimu ddala kyennyini!

49 Omununuzi Ow'olulyo lwaffe, abakadde baali batuufu bwe baamuyita Omwana gw'endiga, anaatera okufuuka Empologoma, nga omulamuzi. Yali Mwana gwa ndiga, nga bwe mukimanyi, nga alina Ekitabo ekisibiddwa n'obubonero omusanvu. Ekitabo bwe kyatwalibwa, omulimu gw'okutabaganya ne guggwa.

50 Kati, mu ssuula ey'oku 3, Ekkanisa yali egenze, naye kati obununuzi bulina okubikkulibwa, okulaga engeri Ekkanisa gye yanunulibwa—gye yanunulibwamu, okubikkulirwa kw'ebyo ebyaliwo mu mulembe gw'Ekkanisa. Mukiraba, Ekkanisa yo egenze, naye kati Alaga, mu ssuula ey'oku 5, engeri gye Yakikolamu, ebyaliwo, engeri Ekkanisa gye Yagisibako envumbo. Okubikkulirwa kw'Erinnya Lye; okubatizibwa mu mazzi, nga okozesa Erinnya Lye; Obulamu Obutaggwaawo; tewali ggeyeena ya Butaggwaawo; ezzadde ly'omusota; obukuumi obw'Obutaggwaawo; enjigiriza zonna enkulu, omuli okwawulibwa edda okw'Ekkanisa ezaabikkulirwa eri Ekkanisa. Alaga engeri gye Yakikolamu.

51 Kati, Ow'oluganda lwaffe akwasiddwa Ekitabo ky'Obununuzi ekisibiddwako obubonero omusanvu okuva eri Nnyini kyo eyasooka. Amiina! Yali ani, gwe twalaba, eyali Nnyini kyo eyasooka? Katonda Mwene. "Awo Omwana gw'endiga n'ajja n'atoola Ekitabo okuva mu Mukono ogwa ddyo ogw'Oyo Atudde ku Ntebe ey'obwakabaka." Omwana gw'endiga yali ani? Ye Mununuzi, Omununuzi Ow'olulyo lwaffe, Alina oluganda ku Kkanisa, Eyajja n'anunula Isiraeri.

52 Kati ekyo tugenda kukikwatako enkya ya leero. Isiraeri yanunulibwa, naye okununulibwa okwo tekwabakolera, kubanga baamugaana. Naye, Ekkanisa bo baafuna okununulibwa kwabwe, era Ye Mununuzi Ow'olulyo lwaffe. Nga Bowaazi bwe yalina okununula Nawomi, okusobola okufuna Luusi, Omumowabu, omugwira, Munnaggwanga; ne Kristo bw'atyo yanunula Isiraeri, n'abawa obununuzi, naye n'agaanibwa.

53 Mujjukira emboozi ekwata ku kusonyiyibwa, ey'omusajja eyakubwa amasasi, gye ntera okwogerako? Mu lutalo olw'omunda olwaliwo, bwe . . . Yali musajja muntumulamu. Teyalina musango gwonna gwe yazza, naye ne bagumusingisa. Newankubadde, mu ngeri emu gwali gumusinga, okuba nti yadduka n'ayabulira banne mu kiseera ky'olutalo. Bwe batyo baagumusingisa era nga bagenda kumutta nga bamukuba masasi. Naye ne wabaawo omusajja n'agenda eri Pulezidenti Lincoln n'amugamba nti, "Mw. Lincoln, ono musajja Mukristaayo. Bambi yatya buti. Omuvubuka ono, n'abantu be mbamanyi. Yatya buti bambi. Teyagenderera bulabe bwonna. Yadduka n'ayabulira eddwaniro." N'agamba nti, "Mw. Lincoln, ensonga kati eri mu ngalo zo. Ye ggwe wekka asobola okumusonyiwa."

Mw. Lincoln n'akwata olupapula n'ekkalaamu ye eya bwino, n'assaako omukono n'awandiika n'agamba nti "Musonyiwe omuntu *Gundi*. Nze Abraham Lincoln."

Omusajja n'adduka n'addayo mu kkomera, n'agamba omuvubuka oli nti, "Ekisonyiwo kyo kiikino. Nkireese."

54 Naye omuvubuka n'amwanukula n'amugamba nti, "Olwo olupapula sigenda kulutunulako. Lwandibaddeko envumbo ennene. Buli kimu ekiri ku lupapula olwo kyandibadde kiraga nti ddala ye ye. Ggwe ogezaako kunfuula kisekererwa. Ogwo si mukono gwa Abrahama Lincoln. Erinnya lye lisobola okuwandiikibwa omuntu yenna. Naye lwandibaddeko envumbo ye, n'ebirala bwe bityo, singa lubadde luvudde gyali." Naye omusaja n'agezaako okumumatiza nti ddala mukono gwe; wadde nga omuvubuka eyali mu kkomera ye yalowooza nti ono amukudaalira bukudaalizi, kye yava amusegulira n'avaawo.

Enkeera ku makya, omuvubuka ne bamukuba amasasi ne bamutta. Oluvannyuma nga amaze okukubwa amasasi n'afa, gavumenti n'ewawaabirwa omusango mu kkooti, kubanga nga ekyabulayo essaawa abiri mu nnya omuvubuka ono attibwe, Abraham Lincoln yali amaze okuteeka omukono gwe ku kiwandiiko ekyali kigamba nti asonyiyiddwa. Naye ate yo gavumenti, n'egenda mu maaso n'emutta. Kati lwaki yattibwa? Gye byaggwera nga kkooti ewozesa emisango mu Amerika, ewunzise n'okusalawo kuno mu Kkooti zonna eziwozesa emisango, n'egamba nti, "Ekisonyiwo tekiba kisonyiwo okuggyako nga oyo gwe basonyiye akikkirizza nga ekisonyiwo."

55 Kati ne Yesu yanunula Isiraeri e Kalivaaliyo. Naye tekyali kisonyiwo gye bali, kubanga tebaakikkiriza nga ekisonyiwo. Naye, kati mu ky'okuyigako kyaffe ku wiiki zino ensanvu, tukiraba nti bakomawo ne bakkiriza ekisonyiwo kyabwe. Naye, Ekkanisa yo Yaginununula, era twasonyiyibwa kubanga twasembeza Omusaayi gwa Yesu Kristo nga ekisonyiwo kyaffe.

56 Kaakati, tukiraba nti Ye yali Omununuzi Ow'olulyo lwaffe, era Yatoola Ekitabo okuva mu mukono gwa Nnyini kyo eyasooka. Nga kye kyapa eky'obununuzi. Ekyo twakiraba. Mukyajjukira bye twayigako? Kye kyapa eky'obununuzi. Mu kyo kirimu ekyapa ekiraga eky'obwa nnannyini, ekiraga nti Katonda yali abanja wabeewo obulamu obufa, mu lusuku Adeni. Bw'atyo, Yesu, Omutuukirivu, kye yava afa n'atoola ekyapa, n'asobola okubembula Obubonero, n'abikkula ebyali mu Bubonero obwo; n'awaayo obusika, obwali obubwe Ye, eri abantu Be. Obulamu Obutaggwaawo, bwe Yasikira okuyita mu kukola ekyo, Yawaayo Obulamu Bwe Ye, e Kalivaaliyo, n'abutugabanyiza okuyita mu Mwoyo Omutukuvu. Amiina! Tewali muntu yenna (yadde n'omu) yali asobodde yadde okufumiitiriza okutegeera okwagala okwo bwe kwali, okw'ekyo kye Yakola!

57 Ssetaani, oyo lumu eyakirinako olw'okugwa okwaliwo mu lusuku, asibibwa n'asuulibwa mu Nnyanja ey'Omuliro. Ennaku ze ziweddeyo.

58 Yesu mu Njiri, yalina ebitiibwa bina. Ekyo twakiraba. Omwana wa Dawudi, omusika w'Entebe ey'obwakabaka; Omwana wa Ibulayimu, ow'olulyo olulangira; Omwana w'omuntu, omusika w'ensi; Omwana wa Katonda, omusika wa byonna. Ekitone ekyagabwa obwakabaka!

59 Mu Ndagaano Enkadde, obwannannyini ku bintu bwali tebu—tebusobola kusukka myaka makumi ataano. Bwali tebusobola kuggyibwa ku nnyini bwo eyasooka okutuusa nga emyaka amakumi ataano gimaze okuyitawo. Na bwe kityo ku lunaku olw'amakumi ana Yasasula omuwendo. Ku lunaku olw'amakumi ataano, obununuzi n'amaanyi ebyali eby'Ekkanisa, bye yali yafiirwa mu lusuku Adeni, byanunulibwa ne bikomezebwawo, ne bituweerezebwa okuyita mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, ku lunaku olw'amakumi ataano.

60 Bwe twava awo ne tukwata ku kino, omuzingo. Twakwata ku mizingo, ne tulaba engeri omuzingo guno gye gwamukwasibwa mu ngalo Ze. Ne tulaba ku ngeri Yeremiya, mu Yeremiya 32:6, kizibwe we, Kanameri, bwe yamulekera obusika. Bwe baali bagenda mu buwambe. Bwe, tugenda okuyingiramu okuyigako, wamu naye, enkya ya leero: obuwambe. Era ekiwandiike kyaterekebwa mu kibya eky'ebbumba; nga ekyo kiraga wa amaanyi ga Katonda, n'emizingo n'ebyama bya Katonda, gye bimanyibwa, bimanyibwa mu mutima. N'entegeka y'obununuzi bwaffe, nayo eterekebwa mu bibya eby'ebbumba, Erinnya lya Yesu wamu n'okubikkulirwa.

61 Tukiraba nti kino kyali kyasibibwako n'Obubonero Musanvu, era nga buli kamu ku Bubonero obwo kazingiriddwa okukyetooloola. Era buli okubikkulirwa lwe kwajja, nga Abembulako Akabonero, nga akazingulula nga asoma Akabonero ako kye kaabanga koogera. Nga Azingulula n'akalala, akali ku muzingo, era nga asoma Akabonero ako kye kaabanga koogera. Nga azingulula akaddako, nga akabembulako nga alaba kiki Akabonero ako kye kaabanga koogera, wamu n'okubikkulirwa kwako. Ekyo kyennyini n'Obubonero bwaffe Omusanvu, bwe tujja okuyigako mu bbanga eritali lya wala, tukakasa, nti kye bujja okukola. Buli Kabonero, bwe kanaabembulwa okuva ku Kitabo, kajja kuzingululwa, era ekyo kijja kulaga ekyo kyennyini ddala ekyabaawo.

62 Tukiraba nti waliwo ebintu ebiri awamu nga "omusanvu," bya mirundi etaano mu ntegeka y'obununuzi. Biri bitaano byonna awamu. Na bwe kityo waliwo ebintu musanvu bya mirundi etaano: Obubonero Musanvu, Emyoyo Musanvu, bamalayika musanvu, Amakondeere Musanvu, n'emirembe

musanvu egy'ekkanisa. Kati, mukiraba, ebintu ebyo omusanvu eby'emirundi etaano kye kisa. Ttaano muwendo gwa kisa, ate musanvu muwendo gwa kutuukirira. N'olwekyo bikwataganira ddala bulungi nnyo, mukiraba. Kale.

63 Eky'okulabirako, buli Kabonero akabembulwa mu Kigambo kya Katonda, kabikkulira omuntu ali mu mulembe ogwo, omulembe gwe tulimu, omwoyo ogukolera mu mulembe ogwo, wamu n'ekkanisa ey'omulembe ogwo. Okubikkulirwa 10, gy'ekomekkerereza, tukiraba nti Akabonero akasembayo bwe kaabembulwa, tulaba Malayika ayimiridde nga ekigere kye ekimu kiri ku nsi, n'ekirala ku nnyanja, nga ayimusizza emikono Gye eri Eggulu, nga alina musoke ku mutwe Gwe, nga alayira Oli aba omulamu emirembe n'emirembe, nti tewaliba kiseera nate, ku Kabonero akasembayo. Kati mmwe mulinde okutuusa lwe tunaakwata ku Bubonero obwo mujja kulaba Akabonero ako we kali.

Bw'omala okuzuula wiiki ensanvu we zibeererawo, olwo olaba wa Obubonero we buli, "Tewakyali kiseera nate," obununuzi bukomye, kaakano Ye ye Mpologoma era Omulamuzi. Enkya ya leero Ye Mulokozi wo, naye olunaku lumu Ajja kuba Mulamuzi wo.

64 Ennyiriri olw'o 8 okutuuka ku 1 . . . lw'e 14 ez'essuula ey'oku 5, zibikkula ekiseera Omwana gw'endiga mw'asinzibwa, mu Ggulu ne mu nsi; ne zibikkula Ekitabo ekisibiddwa n'envumbo omusanvu, ne zibikkula Omwana gw'endiga asaanidde, ne zibikkula n'Omununuzi ow'Olulyo lwaffe. Era okuva ku lunyiriri olw'o 8, okutuuka ku lw'e 14, Bamalayika bamusinza, abakadde bamusinza, Ebiramu bimusinza. Era ne Yokaana yamusinza nnyo okutuusa okuba nti yagamba nti, "Buli kitonde ekiri mu Ggulu, ne mu nsi, ne wansi w'ensi, kyampulira nga njogera nti, 'Emikisa, ekitiibwa, amaanyi, amagezi, n'obuyinza bibe eri Omwana gw'endiga.'" Ekiseera eky'okusinza Kabaka Omwana gw'endiga. Kati, mujjukire nti, Ekkanisa awo eba emaze okugenda.

65 Kati leka tubikkule mu Danyeri, essuula ey'o 9, ennyiriri okuva ku 1 okutuuka ku lw'o 3. Bwe tuva awo tusome n'ennyiriri okuva ku lw'a 20 okutuuka ku lwa 27, kubanga eno ssaala ya Danyeri. Kaakano, kino njagala mukisome nga mukiddiŋŋana, okuyita mu wiiki, okutuusa nga mukitegedde bulungi.

> *Mu mwaka ogw'olubereberye ogwa Daliyo omwana wa . . . ow'ezzadde ery'Abameedi, eyalya obwakabaka obw'Abakaludaaya;*
>
> *Mu mwaka ogw'olubereberye mu mirembe gye nze Danyeri . . . -ntegeeza, ebitabo ne bintegeeza omuwendo gwa . . . emyaka, Yeremiya nnabbi gye yajjirwako ekigambo kya* Katonda, *okutuukiriza Yerusaalemi* okuzikirizibwa *gye myaka ensanvu.*

Kati (oluddako) *Ne nteeka amaaso gange eri Mukama Katonda, okunoonya* mu *kusaba era nga nneegayirira,* era *nga nsiiba enjala, era nga nnyambala ebibukutu, n'evvu:*

. . . nsaba MUKAMA *. . . Katonda wange, ne njatula, ne njogera nti, . . .*

66 Era yeeyongera mu maaso, okutuusa we tutuukira ku lunyiriri olw'a 20. Olw'okulokola obudde, ku lw'abantu abayimiridde, njagala mukkirire ku lwa 20, leka tubuuke tugende ku—ku lunyiriri olw'a 20.

Awo bwe nnali nga *njogera, era nga nsaba, era nga njatula okwonoona kwange n'okwonoona kw'abantu bange Isiraeri, era nga ndeeta okwegayirira kwange mu maaso ga* MUKAMA *Katonda wange olw'olusozi olutukuvu olwa Katonda wange;*

Naye, bwe *nnali njogera mu kusaba, omusajja Gabulyeri, gwe nnalaba mu ebyo bye nnayolesebwa oluberebere,* n'atandika *. . . n'abuusibwa mangu, n'ankomako nga mu kiseera ekya ssaddaaka ey'akawungeezi.*

N'anjigiriza, n'ayogera nange, n'agamba nti, Ggwe Danyeri, kaakano nfulumye okukugeziwaza mu kutegeera.

67 Watya ssinga naffe twaliwo! Yamusisinkana atya? Kuyita mu kusaba.

Malayika, "omusajja." Bw'oba weetegerezza, yamuyita, "omusajja." Era olw'okuba . . .

Era *bwe nnasooka okwegayirira ekiragiro ne kifuluma*, (ne kifuluma nga kimulagira agende), *nange nzize* okukulaga*; kubanga oli mwagalwa nnyo:* bwe *. . . kale lowooza ekigambo ekyo, otegeere bye wayolesebwa.*

Sabbiiti ensanvu ziragiddwa abantu bo n'ekibuga kyo ekitukuvu, oba ekibuga kyo, *okukomya okwonoona, . . . okumalawo okusobya, n'okutabaganya olw'obutali butuukirivu, n'okuyingiza obutuukirivu obutaliggwaawo, n'okussa akabonero ku ebyo ebyayolesebwa ne ku ebyo ebyalangibwa, n'okufuka amafuta ku ekyo ekisinga Obutukuvu.*

Ezo z'ensonga omukaaga ezaamuleeta. Kati mwekkaanye.

Kaakano, kale, *manya otegeerere ddala,* (kati muwulirize) *nga kasooka ekiragiro kifuluma okuzzaawo n'okuzimba Yerusaalemi okutuusa ku . . . Masiya Omulangira walibaawo sabbiiti musanvu, . . . sabbiiti nkaaga mu bbiri: n'oluguudo ne luzimbibwa nate,* n'ensalosalo, *newankubadde mu* biro *eby'okutegana.*

> *. . . sabbiiti nkaaga mu bbiri bwe ziriggwa, Masiya alisalibwako, so si ku lulwe ye: n'abantu ab'omulangira alijja—omulangira alijja . . . balizikiriza ekibuga n'awatukuvu; n'enkomerero ye eriba n'amataba, . . . okutuusa enkomerero walibaawo entalo okuzisa kwalagirwa.*
>
> *Era aliragaana endagaano ennyweevu* (muwulirize) *n'abangi okumala ssabbiiti emu,* mu emu ku sabbiiti zino ensanvu: *ne mu kitundu ekya ssabbiiti alikomya ssaddaaka . . . n'ekitone, ne ku kiwaawaatiro eky'eby'emizizo kulijjirako oyo alizisa, n'okutuusa byonna okutuukirizibwa, okwo kwe kwalagirwa, obusungu bulifukibwa ku oyo azisa.*

68 Kaakati, ekyo ky'eky'okuyigako kyaffe kye tugenda okuba nga tuyigako mu nkuŋŋaana essatu, oba ennya, oba ettaano eziddako, kyonna Mukama ky'anaabikkula. "Wiiki ensanvu."

69 Kati, ŋŋenda kusaba Doc, bw'aba asobola, akawungeezi ka leero, anteerewo olubaawo lwange awo, nsobole okukinnyonnyola nga mukirabako nga bwe nkibalaga. Saagala kibayiteko. Kati mulina okukyekenneenya wamu nange, ate musome mwekenneenyeze ddala mu buziba, kubanga bwe mutakikola kijja kubayita ku mitwe. Era njagala nkikube wano eno ku lubaawo mu bifaananyi ebikinnyonnyola, nammwe muleete ekkalaamu zammwe enkalu wamu n'empapula muwandiike ennaku z'omwezi zino, ebiseera bino eby'enjawulo, na buli kimu kyonna kye tunaayogerako.

70 Kati, wiiki ey'ensanvu etandika (kati kino mukifune) etandika Ekkanisa emaze okutwalibwa. Kati, ekyo buli akitegedde, gamba, nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kati, nga Ekkanisa emaze okutwalibwa.

71 Okubikkulirwa 6:1, okutuuka ku Okubikkulirwa 19:21, wakwatagana ne wiiki ensanvu, n'olwekyo tulina okusooka ne tuyimirizaamu ne tunnyonnyola, nga tetunneeyongera mu maaso. Tulina okuyimirizaamu ne tunnyonnyola lwaki wiiki zino ensanvu. Kubanga, bw'otayimirizaamu kusooka kuzitegeera, obeera ojja kusubwa Obubonero obwo, obeera ojja kusubwa Amakondeere ago, obeera ojja kusubwa Ebibya ebyo, Ebibonyoobonyo ebyo, emyoyo egyo esatu emibi egifaanana nga ebikere, Ebiwoobe ebyo ebisatu, okusuulibwa ebweru okw'ogusota ogumyufu, omukazi ali mu njuba. Byonna obeera ojja kubisubwa, bw'otayimirizaamu kusooka kuzitegeera, kubanga bibaawo wano wennyini mu wiiki eno ey'ensanvu. We bibeererawo.

72 Kati, nnabbi Danyeri yali amaze emyaka nkaaga mu munaana e Babulooni. Eri mmwe abaagala okunoonyereza ebikwata ku kiseera ekyo, kireme okubatwalira obudde obuwanvu, bwe kintwalidde nga—nga nkinoonyerezaako. Gy'ali

emyaka nkaaga mu munaana! Mu buwambe yagendayo mu mwaka B.C. 606, ate okwolesebwa we yakufunira gwali mwaka gwa B.C. 538. 538 bw'ogyawula ku 606, wasigalawo nkaaga mu munaana. Yali amaze emyaka nkaaga mu munaana e Babulooni, nga ali mu bakaafiiri, naye nga akyalina obuwanguzi. Amiina. Ffe tetuyinza kuyimirira yadde essaawa emu bw'eti.

73 Naye ye mu bo mwennyini mwe yali abeera, nga talina na muntu yenna okuggyako mikwano gye basatu, ate nabo abaali babeera mu bitundu eby'enjawulo mu bwakabaka mwe yali abeera. Naye Danyeri, nga ayimiridde bw'omu yekka ne Katonda, yakuuma obuwanguzi okumala emyaka nkaaga mu munaana. Kirowoozeeko! Ssandyagadde ate kutandika kubuulira, kubanga buno bulina kuba Bubaka bwa kuyigiriza buyigiriza. Naye, okumala emyaka nkaaga mu munaana, yali akuumye obuwanguzi nga teyeecaafuwazza, mu maaso ga Katonda; nga talina kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu, nga talina na Musaayi gwa Yesu Kristo kumwegayiririra; nga alina musaayi gwa nte ennume, na mbuzi na nte enduusi gwokka, nga ate nagwo okuguwaayo yalina kuguwangayo mu kyama, olw'obulombolombo bw'eggwanga eryo obwali obw'ekikaafiiri. Baali baawambibwa ne batwalibwa erudda eyo. Yeremiya yali yakibalagulako, nti baali ba kugendayo.

74 Kati, Danyeri, ha, bannange, yali atandise okukiraba nti ekiseera kyali kigenda kisembera, nga naffe bwe tukiraba leero. Danyeri yatandika "okutegeera," nga bw'agamba, "okuyita mu kusoma ebitabo."

> Era *mu mwaka ogw'olubereberye* mu *mirembe* gya . . . *Danyeri* . . . mu *mirembe nze Danyeri ebitabo ne bintegeeza omuwendo gw'e . . . emyaka,* n'olwekyo . . . *Yeremiya nnabbi gye yajjirwako ekigambo kya MUKAMA,* egirina okutuukirira *emyaka nsanvu* . . . okuzikirizibwa *kwa Yerusaalemi* okubaawo.

75 Yeremiya, mu mwaka B.C. 606, yalagula n'agamba nti, olw'ebibi byabwe n'obutatya Katonda, baali baakumalayo emyaka nsanvu.

76 Mujjukira nga, waaliwo ne nnabbi omulala eyagolokoka mu kiseera ekyo. Mu kaseera kano erinnya lye ndyerabidde. Nnyinza okulijjukira mu—mu ddakiika ntono gye bujja, singa mbaako ne bye nzijukira mu kaseera katono. Naye nnabbi oyo yajja n'agamba nti, "Yeremiya, oli mukyamu. Katonda Isiraeri mu buwambe agenda kubalekayo kumala nnaku bwe ziti, agenda kubalekayo kumala, emyaka nga ebiri gyokka."

77 Yeremiya n'amwanukula n'amugamba nti, "Kale leka kibeere bwe kityo. Amiina." N'amugamba nti, "Naye sooka olindeko. Nze naawe leka buli omu akebere ebya munne, nga bannabbi." N'amugamba nti, "Jjukira nti, waaliwo bannabbi abaalagula nga ffe tetunnabaawo, ne boogera ebintu ebyali

ebikyamu. Era Katonda yabakolangako olw'okwogera ebintu ebikyamu. N'olwekyo, naffe leka twekakase bye twogera. Naye nze Mukama Katonda aŋŋambye nti wakyabulayo emyaka nsanvu."

Era nnabbi oyo ow'obulimba Katonda yamutta, n'ajjawo obulamu bwe mu mwaka ogwo gwennyini, kubanga Katonda yali ayogedde ne nnabbi ono omutuufu n'amugamba nti gyali gigenda kuba emyaka nsanvu.

78 Era njagala mwekkaanye engeri Danyeri, newankubadde yali awaŋŋangusiddwa, newankubadde yali ayawukanyiziddwa ku bantu be, nga ayawukanyiziddwa ku kkanisa ye, nga talina yadde olukuŋŋaana olw'okusaba olumu luti, nga talina kkanisa ya kugendamu kusaba, nga talina nnyimba za kuyimba okuggyako ezo ze yeeyimbiranga yekka, naye mu makkati g'ebyo byonna, yasigala yeenywerezza ku ekyo nnabbi oli kye yayogera. Amiina! Amiina!

79 Teyalina kkanisa ya kugendamu kusaba, teyalina muntu yenna wa kukuŋŋaana naye; buli omu yagendanga mu yeekaalu za bakaafiiri, buli omu yasinzanga bifaananyi bye. Nga teri nnyimba za Kikristaayo; tewali akkiriza kintu kye kimu ky'akkiriza. Naye mu myaka nkaaga mu munaana, okuva nga akyali kalenzi kato ak'emyaka nga kkumi n'ebiri, oba kkumi n'ena, gye yalina mu kiseera we yatwalibwa mu buwambe, yasigala mwesigwa n'anywerera ku Katonda; era n'ategeera okuyita mu kusoma obunnabbi bwa nnabbi Yeremiya nti ennaku zaali zinaatera okuggwaayo.

Ekyo nga kyandirabudde omutima gwa nnabbi wa Katonda omutuufu yenna leero, singa tutunula emabega ne tulaba nnabbi ono omutuufu bye yayogera, ne tukitegeera nti tuli mu kiseera kya nkomerero.

80 Yagamba nti, "Ebitabo byantegeeza nti Yeremiya, muganda wange, emyaka mingi, nnyo ddala egiyise, yalagula, nti Isiraeri baali baakumalayo emyaka nsanvu. Era ekiseera ekyo kinaatera okuggwaayo." Era ne yeeteekateeka. N'ayingira mu kusiiba, ne yeetukuza, era bwe. . . evvu n'ebibukutu, ne yeesiiga evvu ku mutwe, n'ayingira mu kusiiba n'okusaba, asobole okutegeera ekiseera mwe baali.

81 Kati bw'aba nga Danyeri, nnabbi wa Mukama, yasobola okujuliza ebitabo bya Yeremiya, ne bimuteeka mu mbeera nga eyo; okutuusa okuba nti ne Isiraeri okufulumayo obufulumi, bonna nga balamu, nga bafuluma Babulooni, okuddayo ku butaka bwabwe, kyamuwaliriza okuyingira mu kusiiba nga ayambadde ebibukutu n'okwesiiga evvu. Kigwanidde kukola ki Ekkanisa ya Katonda omulamu, bw'ekimanya nti obudde bugenda buggwaayo era buweddeyo; era Okujja kwa Mukama waffe Yesu Kristo, wamu n'okufuga okukulu okw'Emyaka olukumi binaatera okubaawo! Tuyinza tutya okumalira obudde

mu bintu ebitalina kye bitugasa, nga tuzannya zzaala, tugenda mu bidiba okuwuga ku lunaku olwa Ssande, nga tetulina budde bwa Mukama? Nga tutaayaaya butaayaaya . . . Omusumba oluba okubaako ekintu kyonna ky'ayogera ekitakusanyusa, nga osituka ofuluma. Ate—ate olukuŋŋaana lw'ekkanisa bwe lutwala ekiseera ekiwanvu ennyo, nga, we—we, nga—nga weemulugunya. Laba embeera gye tulimu. Laba bye tukola.

Geraageranya obulamu bwaffe n'obwa nnabbi oyo. Omusajja omu bw'ati, nga ali mu bwakabaka obulamba, nga talina kkanisa yonna ya kugendamu kusaba, talina wantu walala wonna wa kugenda. Kyali kyataagulwataagulwa n'okwokebwa ne kyokebwa; ekibuga kye, nga n'abantu be nabo bawambe. Emyaka nkaaga mu munaana! Nkaaga mu munaana, nkaaga mu mwenda, nsanvu; yali abuzaayo emyaka ebiri gyokka. Na bwe kityo bwe yatanula okusoma mu kitabo n'akiraba nti ekiseera kyali kinaatera okuggwaayo, kituukirizibwe nga bwe kyayogerwa, yagenda eri Katonda mu kusaba, okusobola okumanya ebikwata ku nsonga eyo.

82 Nga kiseera kikulu! Tukozeewo ki? Nga tulaba, "Amawanga gasasika; ennyanja ewuluguma; emitima gy'abantu gizirika olw'okutya; nga basobeddwa olw'ebigenda mu maaso." Ebintu bino byonna, omukono oguwandiise ku kisenge. Okusosola mu bantu; ebibi ebya buli ngeri ebigenda mu maaso mu nsi; obujagalalo, n'okulwanagana, n'okukuubagana. N'eby'okulwanyisa ebiwawuddwa ebiterekeddwa nga biri bulindaala, okutuusa okuba nti n'eggwanga ettono nga Cuba eriri erudda wano eno lisobola okuzikiriza ensi yonna mu ddakiika kkumi. Gattako n'okuba nti buli omu ali mu kusosonkereza munne, abasajja abatatya Katonda abatalina kye bamanyi ku Katonda era abatalina kye bamanyi ku maanyi Ge.

Ssaako ne'ky'Omwoyo Omutukuvu okuba nti ali mu Kkanisa, atambula era akolera mu Balonde, nga Yeeyoleka nga bw'ali omulamu oluvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri, nti y'Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Tuyinza tutya okutuula ne tulatta mu ngeri ey'obulagajjavu? Tuyinza tutya okumala gakiragajjalira ne tukibuusa amaaso? Kye kiseera twekebere, nga bwe tulindirira okutuuka kw'akaseera ako akakulu.

83 Kati, yasoma mu Yeremiya, essuula ey'a 25. Leka tubikkule mu Yeremiya, essuula ey'a 25, tusome ku ebyo Yeremiya bye yayogera. Mu butuufu, leka tutandikire ku lunyiriri olw'o 8, kubanga lwe . . . njagala mukakasize ddala nti mukitegeera. Olunyiriri olw'e 11 lwe nnabadde nnawandiise wano nga lwe tulina okusoma, naye leka tutandikire ku lunyiriri olw'o 8.

Mukama w'eggye ky'ava ayogera bw'ati; . . .

Ekyo nkyagala nnyo. Bwe mpulira nnabbi nga asituka ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA KATONDA, ow'oluganda, kiba ky'ekyo. Gyendi, ekyo kimala. Ky'ekyo kyokka.

. . .Mukama w'eggye ky'ava ayogera bw'ati nti; Kubanga temuwulidde bigambo byange,

Laba, nditumа ne nzirira ebika byonna eby'obukiika obwa kkono, bw'Ayogera Mukama, era nditumira Nebukadduneeza kabaka w'e Babulooni, omuddu wange, ne mbaleeta nate*. . .okutabaala ensi eno, n'abo abali omwo, n'amawanga gano gonna ageetoolodde* wonna, *era ndibazikiririza ddala, . . .*

Mujjukire nti, abo baali balonde ba Katonda be Yali ayogerako. Abo tebaali bakaafiiri. Abo baali ba mmemba ba kkanisa.

Era nate ndibaggyako eddoboozi ery'okusanyuka, . . . eddoboozi ery'okujaguza, (nga bye tulina leero, ennyimba ez'okwesuukunda eza rock-and-roll, ba Ricky ne Elvis,) ne ba, ha, *eddoboozi ly'awasa omugole, . . .eddoboozi ly'*ekinyonyi*. . .*manyanga, *ery'omugole,* kye ntegeeza, *okuvuga kw'olubengo. . . okwaka kw'ettabaaza.*

N'ensi eno yonna eriba matongo, . . .

Muwulire nnabbi oyo nga ayogerera waggulu nti, "Ensi eno yonna eriba matongo!" Kati sigeezaako kwefuula muweereza wa Katonda ono ow'ekitalo, naye ndagula nga ŋŋamba nti eggwanga lino lyonna lijja kufuuka matongo. Eggwanga lino Katonda aliribonereza olw'ebibi byalyo. Katonda bw'aba teyayinza kuleka Isiraeri, abalonde Be, Ezzadde lya Ibulayimu, be Yakola nabo endagaano era be yawa ekisuubizo, bw'aba teyabaleka kumala gayinaayina oluvannyuma lw'okukola ebikyamu; wadde nga baali bannaddiini kakongoliro, nga balina amakanisa ag'amaanyi, ne bakabona, ne ba labbi; naye olw'ebikolwa eby'obugwenyufu n'ebintu ebitali bimu bye baalina mu makkati gaabwe, Katonda yabaleetera okukungula bye baasiga, era naffe tujja kukungula bye tusiga. Olunyiriri olw'e 11:

. . .ensi eno yonna eriba matongo, era. . . ekyewuunyo; . . .

Ekyo kitegeeza, buli muntu alitunula n'agamba nti, "Baabo balabe. Baali ba kitalo abo b'olaba. Naye kati balabe."

. . .n'amawanga gano galiweereza kabaka w'e Babulooni emyaka nsanvu.

Egyo gy'emyaka omuntu gy'amala ku nsi nga mulamu. Kino we kyabeererawo kye kiseera maama wo omulungi kaakano omukadde, lwe yali omwana omuwere. Mu buwambe eyo baaliyo nga tebalina Katonda, nga tebalina kkanisa, nga tebalina luyimba, nga tebalina kintu kyonna, okumala omulembe mulamba, okutuusa omulembe ogwo gwonna ogw'abo abaayonoona lwe gwafa ne guggwaawo.

Awo olulituuka, emyaka ensanvu bwe girituukirira, ne ndyoka mbonereza kabaka w'e Babulooni, n'eggwanga eryo, bw'ayogera MUKAMA, *olw'obutali butuukirivu bwabwe, n'ensi ey'Abakaludaaya, era ndigifuula amatongo ennaku zonna.*

Era ndireeta ku nsi eyo ebigambo byange byonna bye nnagirangirirako, byonna ebyawandiikibwa mu kitabo kino, Yeremiya kye yalagula eri amawanga gonna.

*Kubanga amawanga mangi ne bakabaka abakulu abalibafuula abaddu—abalifuula abaddu: era ndibasasula . . . ng'ebikolwa byabwe bwe biri era ng'*ebigambo *eby'emikono gyabwe bwe biri.*

Kubanga bw'ati MUKAMA *Katonda wa Isiraeri bw'aŋŋamba nti; Toola ekikompe eky'omwenge ogw'ekiruyi kino mu mukono gwange, oleetere amawanga gonna, gye nkutuma, okukinywako.*

Amakulu mu kyo nti, "Yeremiya, Nkuwadde obubaka buno. Totuula butuuzi. Tosigala mu kifo kimu, naye lagula eri amawanga gonna." Mugoberera? "Lagula eri amawanga gonna. Yolesa obubonero Bwange n'ebyewuunyo obibalage, era leka bakitegeere nti kino Nzija okukikola."

*Kale balinywa, ne batagala, ne balaluka, olw'*ekigambo *kye ndiweereza mu bo.*

84 Biki bye bakola mu mulembe guno gwennyini mwe tuli? Bakuyita na—nnabbi ow'obulimba, ne bakuyita e—eyekkiriranya, ne bakuyita o—omuzoole, ne bakuyita omulaguzi, oba ssekalootera, oba eyakuguka mu kusoma ebirowoozo by'abantu. "Baliba balalu!" Ate ekigambo ekyo, *okulaluka*, bw'onoonyereza amakulu gaakyo, kitegeeza "kugwa ddalu." "Eky'amazima baligwa eddalu, era baligamba nti, 'Ah, oyo omutukuvu eyeevulunga temumuwuliriza, ebyo by'ayogera temuli makulu,' olw'Ekigambo kye Ndiweereza mu bo."

85 Mulaba ebyafaayo bwe byeddiŋŋana? Yeremiya yali tasobola kukkiriziganya na Bafalisaayo baabwe, ka babeere Abasaddukaayo, oba Abakerodiyaani, ka babeere kiki kyonna kye baali. Ye, yalangirira bulangirizi Kigambo, ne Kibajigija bonna ne bamutabukira. Kiki? Kati mwekkaanye.

Bwentyo nange *ne ntoola ekikompe mu mukono gwa* MUKAMA, *ne nnywesa amawanga gonna*, . . .

Yeremiya teyasigala waka. Yeremiya teyeesiba mu kafo kamu kokka, wabula yaleetera amawanga gonna okukinywako.

. . . MUKAMA *gye yantuma:*

86 Yeremiya yatwala Ekigambo kya Mukama, enviinyo y'Ekigambo Kye. Ate enviinyo ge maanyi g'Ekigambo Kye. Enviinyo erimu amaanyi. Enviinyo kitamiiza. Mu nviinyo mulimu amaanyi. "Bwentyo ne ntwala Ekigambo kya Mukama,"

bw'ayogera Yeremiya, "ne nkyolesa. Enviinyo, amaanyi agali mu Kigambo ekyo, nnagoolesa mu maaso gaabwe, naye Ekigambo ekyo ne batakiwuliriza."

Katonda kye yava agamba nti, "Kaakano Ndibaweereza e Babulooni ne bamalayo emyaka nsanvu." Era ky'ekyo kyennyini kye Yakola. Abatuukirivu n'abatali batuukirivu bonna, baagendera wamu.

87 Kati, leka tuddeyo ku ky'okuyigako. Danyeri yali amaze ebbanga eriwerako nga asoma. Kati mukirowoozeeko, Danyeri yasoma Ebigambo bye bimu bye tusoma amakya ga leero. Danyeri yasoma Bayibuli y'emu, obubonero obukozesebwa mu kuwandiika bwe bumu, sentensi ze zimu, ebintu bye bimu byennyini, nga Katonda annyambye, bye nnaabasomera mu Bubaka obutonotono obunaddirira, ekintu kye kimu, okubalaga nti tuli mu kiseera kya nkomerero.

Era Danyeri, nga atwala Ekigambo okuva ku Yeremiya, yagenda e Babulooni. Era ye yali nnabbi eyafukibwako amafuta. Era yakola ebyamagero, obubonero, nga asobola okuvvuunula ennimi ezitamanyiddwa, n'akola n'obubonero n'ebyewuunyo mu makkati gaabwe. Kyokka, nga yali ayimiridde yekka, nga talina gw'ali naye! Amiina! Yali ayimiridde yekka.

88 Naye Yeremiya Ebigambo bino yali yabiwandiika wakyabulayo emyaka mingi nnyo nnyo ddala. Bw'atyo Danyeri, nga avvuunula Ekigambo, yafuna . . . "Naye kati, sooka olindeko. Tugenda tusemberera enkomerero, kubanga we twogerera eno nnaakamalayo emyaka nkaaga mu munaana. Ate nga nnabbi wa Mukama," amiina, "muganda wange, nnabbi wa Katonda omutuufu eyakakasa nga bwe yali nnabbi, yalagula gye tuli. Nkirina wano eno mu kitabo we kyawandiikibwa, nga kigamba nti, 'Waliyitawo emyaka nsanvu.' Ayi Mukama Katonda, tusemberedde enkomerero. Omugigi ogwo gwonna gufudde ne guggwaawo. Kiki ky'Ogenda okuzzaako kaakano, Mukama? Watusuubiza okututumira . . . " Bw'atyo ne yeeteekateeka n'amalirira, okuyingira mu kusaba.

89 Ayi Katonda, bwe waba waali wabaddewo ekiseera we tulina okweteekateeka tumalirire, okuyingira mu kusaba, kye kiseera kino kati. Kubanga, ffe nga abaweereza Be abatuufu, tulaba, okusinziira ku Bbaluwa z'omutume, n'okusinziira ku kulabulwa kw'Omwoyo Omutukuvu, nti tuli mu biro bya nkomerero. Omwoyo Omutukuvu ayogera nti, "Mu nnaku ez'oluvannyuma, abantu baliba bakakanyavu, abeegulumiza, abaagala amasanyu okusinga Katonda, abamenya endagaano, abawaayiriza, abateefuga, era abanyooma abo abakola obulungi." Ekyo nkitegeera okuyita mu Bbaluwa.

90 Era nkitegeera nti walijja abasekerezi, mu biro eby'enkomerero. Nkitegeera nti walibaawo eggwanga okutabaala eggwanga eddala, mu biro eby'enkomerero.

Nkitegeera nti walibaawo amayengo ga ssunami, mu biro eby'enkomerero. Nkitegeera nti walibaawo ebintu eby'entiisa, nga ebyombo ebibuukira mu bbanga, mu bwengula, n'ebintu ebitategeerekeka, era emitima gy'abantu giriba gibatyemuka olw'okutya okungi. Walibaawo ebiseera eby'okusoberwa, wamu n'okunyigirizibwa mu bantu. Nkisomako nti bonna balyegatta wamu mu bibiina ebitali bimu wamu n'ebibiina by'amadiini, babeere n'omukago gumu ogubagatta, mu biro eby'enkomerero. Nkitegeerako nti abakazi balisalako enviiri zaabwe mu biro eby'enkomerero. Nkitegeera nti balyambala obugoye obumpi, ne batambula nga bambadde engatto ez'obukondo obuwanvu, nga bwe bugenda bukoona nga bwe batambula, mu biro eby'enkomerero. Nkitegeera nti empisa zirisereba nnyo mu biro eby'enkomerero. Nkitegeera nti ababuulizi balibeera basumba ab'obulimba mu biro eby'enkomerero, abalyekkiriranya, era abataliriisa bantu Kigambo kya Katonda, wabula abaliba bagoberera ebikwate eby'enjigiriza n'ebirala bwe bityo, bye baba babaliisa. Naye era nkitegeera nti walijja Eddoboozi mu mu biro eby'enkomerero, eririba lyogerera waggulu mu ddungu, nga liyita abantu okukomawo ku Bubaka nnakabala obwasooka, okukomawo eri ebintu bya Katonda. Nkitegeera, okuyita mu Kitabo, nti ebintu ebyo biribaawo.

91 Nkitegeera nti mu biro eby'enkomerero walibaawo enjala. Amakanisa galiba geekozeemu ebibiina eby'obuntu, nga gonna makakanyavu era nga mannyogovu okufa, okutuusa lwe kirireetawo enjala mu biro eby'enkomerero, ate teribeera njala ya mmere na mazzi byokka, naye eribeera enjala ey'okuwulira Ekigambo kya Katonda eky'amazima. Era abantu baliva ebuvanjuba, n'ebugwanjuba, baliva mu bukiikakkono, ne mu bukiikaddyo, nga banoonya okuwulira Ekigambo kya Katonda eky'amazima. Naye eby'embi amakanisa galiba geekolamu ebibiina eby'obuntu nga gajjudde obunnyogovu, okutuusa okuba nti bambi Ekigambo ekyo tebalisobola kukiwulira. Ekyo nkitegeera okuyita mu Bitabo. Naye ate era, mu biro ebyo, Ayi Katonda wange, walibaawo Ettabi eririgolokoka okuva mu Dawudi.

92 Nkitegeera nti Alituma Eriya nga olunaku olwo terunnatuuka mu kiseera eky'enkomerero, era aliba n'Obubaka obulikyuusa emitima gy'abaana okugizzaayo eri bakitaabwe, okubazzaayo ku kiri ekyasooka, okuddayo nate ku nkomerero, baddemu batandike buto. Nkitegeera nti ekyo kiribaawo Omwoyo bw'aliba anaatera okuva mu kkanisa y'Ab'amawanga, addeyo eri Abayudaaya.

93 Naye kati sikitegeera kuyita mu Bbaluwa yokka. Nkitegeera okuyita mu Kigambo, okuyita mu Kigambo ekiwandiike, nti Isiraeri bajja kuddayo ku butaka bwabwe; era mbalaba kaakano nga baddayo.

94 Nkitegeera okuyita mu Bbaluwa, za bannabbi, nti Isiraeri erifuuka eggwanga eryetongodde. Balizzaawo okusinza okw'omu yeekaalu. Katonda aliddamu nate okukolagana nabo bwe baliba bakomyewo mu nsi yaabwe. O! Bannabbi babiri balisituka mu nnaku ez'oluvannyuma, mu makkati gaabwe. Ekyo nkitegeera. Mu kiseera Ekkanisa y'Ab'amawanga bw'eriba etwalibwa, walijja bannabbi babiri, Erisa ne Musa, eri Isiraeri. Tujja kuboogerako nga bwe tugenda mu maaso.

95 Nnabbi yakiraba nti ekiseera kye baaweebwa kyenkana kyali kiweddeyo nga ali eyo mu Babulooni. Kale.

96 Awo Gabulyeri n'ajja, okumubikkulira si ebyo byokka bye yali yeebuuza, wabula okumutegeeza ebyo byonna ebyali byagerekebwa okubaawo eri oluse lw'Abayudaaya lwonna, okuyita mu mirembe gyonna okutuukira ddala ku nkomerero. Amiina! Yasaba kumanya bitono, naye n'aweebwa okumanya ensonga yonna mu bujjuvu bwayo. Yasaba kumanya bikwata ku . . .

97 Danyeri yali agezaako kumanya, "Kiseera kyenkana wa ekisigaddeyo, Mukama, kaakano? Yeremiya nnabbi, omuweereza Wo, muganda wange, yalagula emyaka nkaaga mu munaana egiyise, n'agamba nti, 'giriba emyaka nsanvu abantu bano gye balimala mu ggwanga lino.' Kyenkana kaakano omugigi gw'abakadde gwonna guweddewo."

98 Waliwo omugigi gw'abapentekoote ogwasituka, emyaka ana egiyise. "Abaazirwanako," bwe batyo bwe baabayitanga. Beekolamu ebibiina eby'obuntu, ne bakubagana, ne basojjaganira emmanga eyo, mu Lusozi Kolebu ne Nebo, eyo yonna. Naye, ku nkomerero ya byonna, kaakano tutuuse ku mugga. Agenda kuyimusaayo omugigi omulala omupya, nga balina Yoswa ow'okubasomosa abatwale emitala. Amateeka gaalemererwa; Musa yagenda nago; naye Musa yalemererwa. Yoswa ye yabasomosa. Tukizuula nti ebibiina eby'obuntu biremereddwa, naye Omwoyo wa Katonda . . . Yoswa, ekigambo *Yoswa*, kitegeeza "Yesu Omulokozi waffe." Nga kitegeeza nti, Omwoyo Omutukuvu ajja kujja mu Kkanisa. Si mu kibiina, naye Omwoyo Omutukuvu alijja mu bantu ateeketeeke Ekkanisa eyo okusitulibwa, okusomoka Yoludaani. Nkitegeera okuyita mu kusoma Ekitabo nti ebyo by'ebigenda okubaawo. Era Katonda akimanyi nti ekyo kye nnoonya mu kaseera kano, nsobole okubudaabuda abantu Be n'okubabuulira ebigenda mu maaso, abo abali wano amakya ga leero, n'abo abali eyo mu nsi ez'ewala entambi zino gye zirituuka, mu nsi yonna, nti tuli ku nkomerero.

99 Yabikkula byonna ebyali bigenda okubaawo okutuukira ddala Obwakabaka lwe buzzibwawo mu bujjuvu n'okufuga okw'Emyaka olukumi ne kutandika. Obwo bwe bwali obubaka bwa Gabulyeri. Yamugamba nti, "Nzize okukutegeeza nti waliwo emyaka nsanvu, wiiki nsanvu, ezirina okutuukirira,

ezigerekeddwa eri abantu bo, ezigerekeddwa okutuusa ku nkomerero y'omulembe gw'Abayudaaya. Waliwo wiiki nsanvu." Kati mwekkaanye kye Yayogera. Nti kati, kasookedde ekiragiro kifuluma okuzzaawo. . .

Sabbiiti ensanvu ziragiddwa abantu bo n'eri. . . ekibuga kyo,. . .

"Ekibuga kyo." Babulooni si kye kyali ekibuga kye. Ani. . . Ekibuga kye kyali wa? Yerusaalemi.

100 Kati, bwe tunaatuuka ku—ku musanvu, manya ku bintu omukaaga ebikakasa, tujja kulaba ekibuga ekyo kye kiri, era tukimulungule tukakase yali ani oyo, eyakitandikawo, ne wa gye kyava. Kiriwangaala kumala bbanga ki? Kiriddamu ne kizimbibwa? Mu kiseera ki? Ha, waliwo ebintu eby'ekitalo ennyo ebituterekeddwa mu tterekero bye tulina okumanya. Kale.

Sabbiiti ensanvu ziragiddwa abantu bo n'ekibuga kyo. . ., okukomya okwonoona,. . .

Kati, Teyamugambako nti, "Danyeri. . ." Ateekwa okuba nga Yamugamba nti wiiki ensanvu zaali. . . Manyanga, emyaka ensanvu gyali ginaatera okuggwaako. Waali waakayitawo nkaaga mu munaana, nga kubulako emyaka ebiri gyokka. Ate tukizuula nti obunnabbi bwa Yeremiya bwatuukirira ddala mu kiseera kyennyini kye yalagula. Waayitawo emyaka ebiri, ne bafuluma ne bavaayo. Nekkemiya yagenda n'afuna olukusa okuva eri kabaka, n'azimba bbugwe mu kiseera ekizibu eky'okutegana. Baakolera ddala. Yagamba nti, "Bbugwe. . ." Muwulirize kino.

. . . okukomya okwonoona,. . . n'okumalawo ekibi,. . .

"Okumalawo okwonoona." Eri b'ani? Eri Abayudaaya. "Ziragiddwa abantu bo," si eri Ab'amawanga. "Eri abantu bo," Abayudaaya. "N'eri ekibuga kyo," si New York, si Boston, si Philadelphia, si Chicago, si Los Angeles, si Rooma. Naye, "Eri ekibuga kyo," Yerusaalemi.

. . . n'*okukomya okwonoona,. . . okumalawo* ekibi,. . . *okutabaganya olw'obutali butuukirivu, n'okuyingiza obutuukirivu obutaliggwaawo, n'okussa akabonero ku ebyo ebyayolesebwa ne ku ebyo ebyalangibwa, n'okufuka amafuta ku ekyo ekisinga Obutukuvu.* (Mwekkaanye!)

Kale manya era otegeerere ddala nga kasooka ekiragiro kifuluma okuzzaawo n'okuddamu okuzimba *Yerusaalemi* (nga kye kyali ekibuga kye) *okutuusa. . . Masiya Omulangira walibaawo sabbiiti musanvu* (ku ziri ensanvu),. . .

101 Ekyo mulindeeko okutuusa lwe tunaakituukako! Ha, bannange! Ogwo gwe mukisa gwe. . . ŋŋenda kufunayo omuguwa nneesibe ku nsonga eno wano.

102 Yakimubikkulira kyonna kyonna okutuukira ddala gye kirikomekkerereza, n'amugamba nti, "Kati sigenda kukutegeezaako kino kyokka nti emyaka egyo ebiri gibulako katono okuggwaako, nti era bwe ginaggwaako olwo nga ekiseera ekyo kiweddeyo, nga kituukiriziddwa." Ate ffenna tukimanyi nti baamalayo emyaka nsanvu gyennyini, ne—ne bafuluma ne bavaayo, kyennyini ddala nga nnabbi bwe yayogera. Era Isaaya, manyanga ntegeeza . . . Danyeri yakkiriza nnabbi oyo, era wuuno wano nga, yeetegese. Kale. Era ya . . .

103 Era kati, Gabulyeri bwe yajja, Yamugamba nti, "Nzize okukulaga byonna ebigenda okubaawo, okukubikkulira ebintu bino, eby'okubaawo, okutuukira ddala ku nkomerero." Mukiraba? Mulabeeyo.

> . . . eky'omuzizo *kulijjirako oyo alizisa, n'okutuusa byonna okutuukirizibwa,* . . .

104 *Byonna okutuukirizibwa* kitegeeza "enkomerero y'ebintu byonna." "ŋŋenda kukulaga ebigenda okubaawo." Kati muwulirize. Mukitegeere! "Nze . . . Daniel, Ntumiddwa. Oli muganzi nnyo mu Ggulu. Era Nnawulira okwegayirira kwo, era kaakano Nzize okukutegeeza ebyagerekebwa okutuuka ku Bayudaaya wamu ne Yerusaalemi, okuva mu kiseera kino okutuukira ddala ku nkomerero ya byonna, ensonga yonna mu bujjuvu bwayo."

105 Kati, ekyo mukitegeera, mmwe ekibiina kye njigiriza? Singa tuzuula wiiki zino ensanvu kye zitegeeza, tujja kutegeera ddi enkomerero ya byonna lw'eribaawo. O, bannange! Katonda atuyambe tuzitegeere. Zitutegeereza ddala kyennyini ekiri wakati awo mu mpapula zino, ebibaawo okuviira ddala mu kiseera ekyo okutuusa mu kiseera kino kati, n'okutuukira ddala ku nkomerero ya byonna, era tezijja kusobyamu yadde akantu akamu bwe kati.

106 Nga Ekigambo kya Katonda ekikulu bwe . . . Katonda bwe yatonda ensi n'agiteeka mu nkulungo mwe yeetooloolera. Era nga bwe nnali mbuulira ekiro kya luli, ku Ssande ekiro, nga bwe watali kintu kyonna kitali mu nkola yakyo. Kubanga, ensi eno yeetooloolera ddala bulungi nga bw'erina okwetooloola okutuusa okuba nti basobola n'okukubuulira ddi lwennyini enjuba n'omwezi lwe biriyisiŋŋanya, mu myaka abiri okuva leero, ne bakubuulira n'eddakiika zennyini lwe kiribaawo. Nze ekyo siyinza kukikubuulira, ne bwe nkozesa essaawa efaanana etya ku ze tulina mu nsi; essaawa eyo ejja kusuula eddakiika waakiri bbiri oba ssatu buli mwezi, oba eyongeremu eddakiika nga bbiri oba ssatu, essaawa esingayo gye tulina. Tetusobola kukola kintu kituukiridde bwenkanidde awo. Kubanga, waliwo kimu kyokka ekituukiridde, era nga oyo Ye Katonda. Ate Katonda n'Ekigambo Kye kintu kye kimu, n'olwekyo Ekigambo kya Katonda kituukiridde.

107 Na bwe kityo ennaku zino singa tuzitegeera, tujja kuzuula ddi lwennyini enkomerero ya byonna lw'eribaawo. Mukitegeera? "Zaalagibwa okutuusa ku nkomerero ya byonna." Olunyiriri olwa 24, "abantu bo n'ekibuga kyo ekitukuvu," nga ekyo ye Yerusaalemi. Ndi wano ku lwa 21. . . ku lunyiriri olwa 24. Kino Yesu yakijulizaako mu Matayo 24.

108 Kaakati, Ow'oluganda Collins, bw'aba waali wano enkya ya leero, ssimanyi oba waali oba taliiwo. Mu bibuuzo ebyabuuzibwa ekiro kya luli, yabuuza ekibuuzo. (Ka nsuubire nti tekirina buzibu bwonna bwe nkyogera, Ow'oluganda Collins.) Yali abuuza ku, "'Eky'omuzizo ekireeta okuzikirira,' mulaba, nga abuuza kitegeeza ki?"

109 Yesu yakyogerako, mu Matayo essuula eya 24, era tukiraba. Weewaawo, Matayo 24:15. Kati ekyo leka nkibikkule mangu nnyo ddala, musobole okulaba kiki ddala kye kiri, Yesu nga ayogera ku kintu ky'ekimu wano, nga ajuliza Danyeri. Matayo 24:15, eri mmwe abawandiika ebyawandiikibwa. Njagala, buli omu ku mmwe, naddala akawungeezi ka leero ne—ne ku Ssande ejja, mujje n'ekkalaamu enkalu ezo n'empapula, kubanga tu. . . okuggyako nga ggwe olina olutambi. Essuula eya 24, n'olunyiriri olw'e 15, "Kale bwe. . . "

> Era *kale bwe muliraba eky'omuzizo ekizikiriza, Danyeri nnabbi kye yayogerako,* . . .

Mukirowoozeko ekyo! Kino kyayogerwa emyaka bina mu kinaana mu esatu, -ena, -etaano, kinaana mu mukaaga nga tekinnabaawo. Emyaka bina mu kinaana mu mukaaga nga tekinnabaawo.

> . . . *Danyeri nnabbi, nga* kiyimirira *mu kifo ekitukuvu,* . . .

Kati mwetegereze mu Bayibuli zammwe. Kiwandiikiddwa mu bukomera.

> . . . *(asomamu, ategeere:)*

110 Kati, Ayogera eri Bayudaaya. Baali baagala kumanya, "Ate yeekaalu eno? Erizikirizibwa ddi? Eriddibwamu ddi okuzimbibwa? Kiribaawo ddi lwe watalibaawo jjinja lituula ku linnaalyo? Kiribaawo kumala bbanga ki?"

111 Ye n'abaddamu nti, "Bwe muliraba 'eky'omuzizo ekizikiriza, nga kiyimiridde. . . ' Danyeri, 'nga kiyimiridde mu kifo ekitukuvu.'" N'agamba nti, "Kino bwe muliraba nga kituukirira, kati leka oyo asomamu ategeere kiki ky'ayogerako."

Eyo y'ensonga lwaki tusaba Katonda, ekyo akitubikkulire nga ky'ekyo ddala kyennyini, waleme kubaawo kubuusabuusa kwonna. Kubanga, ebintu ebyo tetulina kubissaamu ntaputa yaffe ku bwaffe. Birina kujja nga biyita mu BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. N'olwekyo, ŋŋenda kukireka awo okutuusa nga nkitegedde.

Yamubikkulira ebintu byonna, n'ekyo "ekyomuzizo."

112 Ate, mujjukire nti, kirina amakulu ag'enjawulo, okufaananako n'ekya, "Nnayita omwana wange okuva e Misiri." Nga Isiraeri bwe yayitibwa okufulumayo, ne Yesu, Omwana We, naye yayitibwa okufulumayo.

Era kijja kutuukiririra ddala kibeewo, nga bwe nnyimiridde wano. Era Yakikola mu ngeri nti, byonna Yabikweka, byonna byakwekebwa okuva eri Ekkanisa. Ha, bwe tunaayingira mu ekyo, mu kutegeera okwo okw'emirundi omukaaga, ne tulaba nga byonna bwe Yali yabikweka Ekkanisa ereme kubimanya, kibeere nti Ekkanisa ebeera bulindaala buli ddakiika nga ebirindirira, nga temanyi ddi lw'Anajja. Naye kati omulembe gw'Ekkanisa gunaatera okuggwaako, n'olwekyo kaakano birindiridde Kujja, birinze bulinzi.

113 Kino ky'ekimu ku Byawandiikibwa ebikulu ennyo mu Kitabo. Kikola ki? Kyogera ku kukomekkereza kw'eggwanga ly'Abayudaaya, Abayudaaya. Ekyawandiikibwa kino, ekyogera ku wiiki ensanvu, kibikkula era ne kitegeereza ddala ebyalina okubaawo okuva mu kiseera ekyo Danyeri we yatandikira, okutuuka ku nkomerero ya byonna. Ky'ekimu ku bintu ebikulu ddala ebyoleka ebiseera n'ebiro. Bameka abaali bampuliddeko nga njogera nti, "Bw'oba oyagala okumanya olunaku lwa wiiki, tunuulira kalenda. Bw'oba oyagala okumanya ebiro mwe tuli, wekkaanye Abayudaaya?" Ddala bwe kiri. Abo ye kalenda ya Katonda, nga esibukira ddala wano wennyini. Buli muntu yenna eyasomerera eby'eddiini, na buli musomi wa Bayibuli yenna, k'abeere omuntu omulala yenna, ajja kukugamba nti eno y'essaawa eyoleka ebiro n'ebiseera, be Bayudaaya.

Kati obudde bwe tusigazzaayo bwenkana wa? Tuli mu . . . abantu, ebbugumu, ha, na . . .

114 Tebirina kakwate konna na B'amawanga; Obubonero buno Omusanvu, Ebibonyoobonyo Omusanvu, Ebiwoobe Omusanvu, Amakondeere Omusanvu, tebirina we bibakwatirako yadde. Ekkanisa y'Ab'amawanga eriba eri mu Kitiibwa mu kiseera ekyo. Tebirina we bitukwatirako yadde, ffe Ekkanisa y'Ab'amawanga. Bikwata ku Isiraeri yokka. "Danyeri, abantu bo ne Yerusaalemi."

115 Kati, n'ekirala zikakasa obutuufu bw'ensonga egamba nti Katonda akolagana n'Abayudaaya mu ngeri emu yokka nga bali mu nsi yaabwe. Aleeruuya! Awo ndowooza we kyabakaluubiriranga, awo wennyini.

Lubeerera baagezangako okubala ebiseera ebyo okuva mu kiseera Isiraeri we yali eri mu buwambe mu kiseera kya Danyeri. Era waliwo omuwandiisi omu omututumufu . . . Olw'okubanga, mmanyi nti wano waliwo abamu ku bagoberezi be, sigenda kwogera linnya lye. Naye eyo y'ensonga lwaki baavangayo n'ebintu bino byonna ebitali bituufu.

116 Mubadde mumanyi engeri Abamillerayiti, bwe baali tebannaba kufuuka Baseveniside Abaadiventi, kye baakola engulu eno? Mu 1919, beekolera ebiwaawaatiro, (mwenna mwakiraba mu lupapula lw'amawulire oluyitibwa Courier), ne bambuka engulu eno okubuuka bagende, ku olwo ku makya. Abo baali bagezaako kugoberera wiiki za Danyeri ensanvu. Uh-huh, Abamillerayiti. Ate, oluvannyuma, nga bali wansi wa Muky. Ellen White, eyali nnabbi waabwe omukazi, ne beefuula ne batandika okweyita Abaseveniside Abaadiventi. Ate kati we twogerera erinnya lyabwe baalikyusa beeyita ab'Eddoboozi ery'Obunnabbi. Mukiraba? Amannya ag'enjawulo ga mirundi esatu nga ga kabiina k'eddiini ak'obulimba ke kamu.

117 Kati, naye baali bakyamu, kubanga wiiki ezo ensanvu baali bagezaako okuzinnyonnyola nga balaga nti zikwata ku Bayudaaya ne ku B'amawanga. Ate nga Ayogera wano nti, "Zigerekeddwa eri bantu bo." Nga ate Katonda takolaganangako na Muyudaaya yenna nga ali wabweru wa Palesitayini. Ate nga tulaba nti Masiya, mu wiiki ey'ensanvu mu ebbiri, yasalibwako, (si ku bubwe Ye; wabula ku lwaffe, yasalibwako), Isiraeri ne baasaasanyizibwa, era (na buli kati) babadde tebakomangawo mu nsi yaabwe okutuusa gye buvuddeko katono mu myaka mitono egyakayita. N'olwekyo, mu kiseera kya wiiki ezo tewaliiwo budde bwagerekerwa mulembe gwa Kkanisa. Mukitegeera? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

Kyali tekiyinza kubaawo mu 1919. Nsobola okubalaga nti waliwo ekyaliwo mu 1919, naye ekyo ekyaliwo yali Malayika oli, obubaka bwa Malayika ow'okusatu lwe bwalangirirwa Ekiwoobe ne kifuluma. Ky'ekyo ddala bwe kyali. Naye si kwe kwali oku. . . Ekyo ky'ekiseera olutalo we lwayimirizibwa mu ngeri eyeewuunyisa. Ekyo tujja kukikwatako mu ssuula ey'omu 7 bwe tunaaba tugituuseeko, nga tutuuse ku ssuula ey'omu 7. Ekyo mwenna mwali mumpulidde nga nkibuulirako, emirundi mingi, mulaba, obubaka bwa Malayika we bwogerera nti, "Mukwate empewo ennya ez'ensi okutuusa lwe tulimala okuteeka akabonero ku Bayudaaya, abaddu." Era kati, baasigala balindiridde okutuusa nga omulembe gw'Ab'amawanga gwonna guweddeko.

Era bwe guggwaako awo n'alyoka Ajja, n'a—n'Assaako Abayudaaya akabonero, emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya ne bafuna Omwoyo Omutukuvu. Abo gy'emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya, abassibwako akabonero. Okubikkulirwa 7. Mwali mukisomyeko.

"Ne ndaba ekibiina ekinene mu Ggulu," Yokaana nga y'alaba, "nga bava mu bika eby'enjawulo, n'ennimi, n'amawanga, ne bayimirira mu maso ga Katonda, n'amatabi g'enkindu mu mikono gyabwe, nga bambadde ebyambalo ebyeru, nga bayimba, 'Aleeruuya! Amiina! Ekitiibwa,

n'amagezi, n'ettendo, n'obuyinza, n'amaanyi, bibe eri Katonda waffe emirembe n'emirembe. Amiina!' nga bwe boogerera waggulu ddala."

118 Yokaana teyasobola kukitegeera mu kiseera ekyo. Naye yatunula emabega n'alengera ku Lusozi Sinaayi, (ekitiibwa) emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi nnya abaali bateeyonoona na bakazi. Abayudaaya! Abakazi, nga ge makanisa! Baali tebeegatta ku bibiina byonna eby'obuntu, Abaluzalaani, Abamesodisiti, Ababaputisiti, n'Abapulesibiteriyani. Naye okuviira ddala ku ntandikwa baali Bayudaaya, Abasoddokisi, nga balinayo ne yeekaalu yaabwe, nga basinziza ku Lusozi Sinaayi. Abo gy'emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya. Ekyo kibaawo luvannyuma lwa kino; nga Ekkanisa etwaliddwa mu Kitiibwa. Mukiraba?

119 N'olw'ensonga eyo, Mw. Smith yali mukyamu, yalina kuba mukyamu. Kubanga, kati ekyo ogenda kukiteeka otya wano eno mu 1919, bali emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya obeera ogenda kubaggyamu? Ekyo bw'okikola ate awo obeera ozzeeyo mu nzikiriza y'abagoberezi ba Russel. Mukiraba? Butereevu obeera oddiddeyo ddala mu njigiriza y'abagoberezi ba Russel, egamba mbu, "Yesu yajja mu 1914, mu 1919 n'Atwala Ekkanisa Ye, era kati Ye gwe mubiri ogutalabika ogugenda nga gutalaaga ensi, nga guzuukiza . . . gugenda ku ntaana ya jjajja omukazi ne ku ntaana ya jjajja omusajja, nga bwe gubazuukiza bonna, abo bonna abaali bagoberera Russell." Tebirina makulu! Tebirina makulu gonna ge bikola bw'obigeraageranya n'Ekigambo. Tebikwatagana nakyo. Nedda ssebo. Tebikwatagana.

120 Naye, ye Katonda Amazima agalina, Katonda Yekka y'Asobola okuzibikkula n'azisimba we zirina okuba, n'azikakasiza ddala, bulungi, gye tuli. Mukiraba? Nzikiriza Ajja kukikola, ssizimanyi, mbabuulira amazima, ssizimanyi, naye nzikiriza, nzikiriza nti Ajja kukikola.

121 N'olwekyo, mukiraba nti, Katonda teyakolaganako na Bayudaaya. (Kino njagala mukikuumire mu birowoozo byammwe) kasita Isiraeri ya . . .

122 Ku ekyo kwe nnava okugamba ow'oluganda ono atudde erudda wano eno, eyali ayogera ku by'okugenda mu Isiraeri, Isiraeri gyesonyiwe! Mugyesonyiwe, mmwe mwenna aboogera ku kukyusa Abayudaaya. Obubaka buno bwe bunaaba tebunnaggwaayo, mujja kukiraba nti ekyo kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, okuyita mu Kigambo awamu n'Omwoyo. Isiraeri ejja kukyusibwa lumu yonna, eggwanga lyonna, mu kiro kimu. Bw'etyo Bayibuli bw'egamba. Naye Enjiri si na yaabwe. Weewaawo waliwo abatonotono abaajeema abavaayo, n'abalala bwe batyo, abakkiriza, naye nga bali bweru wa mubiri gw'Abayudaaya ogw'awamu, abajja ne balokoka. Ekyo kituufu. Ekyo nkikkiriza ne—n'omutima gwange gwonna.

Naye, mujjukire, nti kasita Isiraeri babeera ebweru w'eggwanga lyabwe, tebasobola kulokolebwa. Mu kiseera kino bali mu kuddayo. Era bajja kulokolebwa, eggwanga lyonna wamu, mu lunaku lumu. Bw'etyo Bayibuli bw'egamba. Olunaku lumu; lujja kukomyawo, mu bujjuvu, Isiraeri yonna edde eri Katonda. Wagenda kubaawo ekintu eky'amaanyi ekibaawo mu Isiraeri lumu ku nnaku zino, okutuusa nti kirinyeenya eggwanga lyonna. Okutuusa nti ne nnabbi yayogerera waggulu, n'agamba nti, "Mu lunaku lumu bwe luti kino okikoze." Mu lunaku lumu, bajja kukiraba. Wajja kubaawo ekintu eky'amaanyi.

123 Mu kulaba okwange, alibeera nnabbi ow'amaanyi aligolokoka n'ayimirira mu Isiraeri, n'abakakasa nti Masiya akyali mulamu. Masiya oyo gwe baagaana a . . .?. . .

124 Mu kiseera kino balina Bayibuli gye basoma, Bayibuli ya Isiraeri. Bagisoma bagiva gy'ekoma nga bwe badda gy'etandikira, bwe batyo bwe bagisoma. Era mumanyi engeri olulimi lw'Ekiyudaaya gye luwandiikibwamu. Kale bwe baagisoma . . . Ne basoma n'ezo Lewi Pethrus ze yali abaweerezza, Bayibuli akakadde kalamba. Baagamba nti, "Yesu ono bw'a . . ." Abo be Bayudaaya bali abaggyibwa e Iran, n'awalala eyo yonna, abaali batawuliranga ku kintu kyonna kikwata ku Masiya. Ne bwe baali beetegeka okudda ku butaka bwabwe, eky'amazima, baagaana okulinnya ennyonyi. Baali bakyalimisa enkumbi ziri enkadde ezaakolebwa. Mwakisomako mu magaziini eyitibwa *Look*. Bameka abaasoma emiko egyo egyabawandiikibwako mu magaziini ezo eyitibwa *Look* n'eyitibwa *Times* maga- . . .? Weewaawo, mwakisomako. Mukiraba? Baagaana okuzirinnya. Labbi oyo omukadde kye yava ayimirira n'abagamba nti, "Mujjukire nti nnabbi waffe yagamba nti tuliddayo mu nsi yaffe ku biwaawaatiro by'empungu." Aleeruuya!

> Amawanga gali mu kusasika, Isiraeri azuukuka,
> Obubonero Bayibuli bwe yalagulako;
> Ebiro by'Ab'amawanga biweddeyo, nga bijjudde entiisa;
> "Mukomeewo, Mmwe mwenna abaasaasaana, mudde ewammwe."

125 Kye kiseera ozuukuke. Okiwulidde n'okiddiŋŋana, n'okiddiŋŋana, naye olikiwulira ogusembayo, lumu ku nnaku zino. Isiraeri bali mu kuddayo mu nsi yaabwe. Olunaku Katonda lw'alitongoza Isiraeri okuba nti kati ggwanga, lwe lunaku lwe wataliddamu kubaawo Munnaggwanga mulala yenna alokolebwa.

126 Ekyo nja kukikakasa okuyita mu wiiki zino ensanvu, singa nnaaba nsobodde okufuna ennaku ezo. Ŋŋenda eruuyi eri ku . . . okufuna kalenda ezeesigamizibwanga ku nsengeka

y'emmunyeenye, ne—n'eya Julian, ey'ensengeka y'emmunyeenye, ey'Abaruumi, n'endala zonna. Waliwo awali ekisingawo ku bye tusoma, awantu awamu. Weekiri. Katonda ye akimanyi, era, A—Asobola okukibikkula. Mukiraba? Mmanyi nga kalenda eyitibwa eya Julian erina ennaku bisatu nkaaga mu ttaano n'ekitundu kimu kya kuna eky'olunaku, mu mwaka. Kale, ha, byonna byatabulwatabulwa, naye waliwo awali amazima, awantu awamu.

127 Ndaba amakanisa mangi nnyo, ebibiina bingi nnyo, abantu bangi nnyo nga bagenda mu *bino,* n'abamu nga basaba, "Mirembe Maria," n'abamu nga basinza *kino,* abalala *kiri,* n'abalala *ekirala.* Walina okubaawo awali Amazima, awantu awamu. Walina okubaawo awali Katonda, awantu awamu. Walina okubaawo awali Obubaka, awantu awamu. Ndaba bannabbi ab'obulimba abagolokoka, nga nabo beefuula okuba nti baawula emyoyo, n'ebintu ebirala byonna ebigenda mu maaso. Naye ekyo kiraga, nti wateekwa okuba nga waliwo awali ekya nnamaddala, awantu awamu, ebyo ebijingirire kwe bikoppebwa.

128 Ndaba abantu abayingira mu mubiri, ne baleekaana, ne bakola ebintu ebitali bimu, bwe bava awo ne bafuluma ne bagenda batambulira mu bulamu obw'engeri yonna bwe baagala okutambuliramu. Wateekwa okuba nga waliwo awali Omwoyo Omutukuvu owa nnamaddala, awantu awamu. Ndaba abantu nga beefuula bannaddiini, n'ebintu eby'engeri nga eyo, nga bagezaako okuba abanyiikivu era abajjumbize ennyo. Mmanyi nga waliwo awali Katonda owa nnamaddala, awantu awamu. Waliwo awali Omwoyo owa nnamaddala, awantu awamu, kubanga ekyo ekirabisibwa bunnanfuusi obutaliimu obukoppebwa ku oli owa nnamaddala, ekyo kijingirire bujingirizi. Wateekwa okubaawo ekintu kyennyini ekya nnamaddala ku buli kimu: oba musajja, oba ku bantu, oba ku Kkanisa, oba Katonda. Wateekwa okubaawo ekintu ekituufu, awantu awamu, kubanga bino byonna byakoppebwa kuva ku ekyo. Waliwo awali ekya nnamaddala, awantu awamu.

129 Kati nnagamba ekkanisa eno, ku bikwata ku birabo bye mulina. Ebirabo bye mulina mubiwulirize; mukakase nga bisigala bikola kusinziira ku Bayibuli. Temutwalamu byefaanaanyiriza bwefaanaanyiriza, nga obwengula bujjudde ebya nnamaddala. Leka tubeere n'ebyo ebya nnamaddala. Leka tufune ebyo ebya nnamaddala oba si ekyo tuleme kubeera yadde n'ekimu. Amiina.

130 Kati, ekisembyeyo, nsonga enkakafu ddala nti Katonda akolagana ne Isiraeri awo wokka we babeerera mu nsi yaabwe. Leka tulabeyo eky'okulabirako Katonda bwe. . . Ibulayimu yava mu nsi ye n'agenda e Misiri, biki ebyaddirira? Yatambula n'ava awo Katonda we yali amwagala abeere, era teyaweebwa mukisa yadde n'akatono okutuusa lwe yaddayo ku butaka bwe. Katonda

teyakolaganako naye, teyalabako kwolesebwa yadde okumu bwe kuti, yadde okubaako ekintu ekirala kyonna ky'afuna, okutuusa lwe yakomawo ku butaka.

131 Mulabe Isiraeri bwe baatwalibwa e Misiri, okumala emyaka ebikumi bina. Tewali kyamagero yadde ekimu bwe kiti, tewali kabonero yadde akamu bwe kati, tewali kintu yadde ekimu bwe kiti ekyakolebwa mu makkati gaabwe, tekiriiyo mu ebyo ebyawandiikibwa mu Kitabo. Baabeeranga baddiŋŋana ebintu bye bimu, kugenda mu kkanisa, n'owaayo omwana gw'endiga, n'osoma "Mirembe Maria," oba kyonna kye baasomanga, n'oddayo. N'omwaka oguddako, era ekintu ky'ekimu. Bakabona bonna ne bakaayana nti ffe twagala, "Labbi *Gundi*! Labbi *Gundi* gwe tujja okulonda. Y'asingako okuba n'obuyigirize. Y'ategeera ennyo ebikwata ku Bamisiri." Gye biggwera, nga Abamisiri ne—na bano nga bonna, bali kimu.

132 Ekyo ky'ekintu ky'ekimu ekituuse ku kkanisa. Ffenna twemalira mu bya kufuuka Bamesodisiti, n'abamu Babaputisiti, n'abamu Bapulesibiteriyani. "Ffe nno tulinayo n'abalina ddiguli okuva mu yunivaasite ya Hartford! Tulinayo n'abalina ddiguli okuva mu yunivaasite ya Wheaton! Tulinayo n'abalina ddiguli okuva mu yunivaasite endala ez'enjawulo, oba mu yunivaasite ya Bob Jones! Ffe, tulinayo abalina ddiguli ya Bachelor of Art! Tulinayo abalina D.D., LL.D., n'endala!" Ezo zonna zivuddemu ki? Kacica mwereere.

Y'embeera y'emu era nga bwe yali e Misiri. Era Katonda teyakolaganako na Isiraeri okutuusa lwe baddayo mu nsi yaabwe.

133 Mumpulirize! BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, Katonda tajja kukolagana na Kkanisa Ye okutuusa nga Ekomyewo ku butaka bwayo, Obubaka obw'ekiseera kino. Mukomeewo ku kyasooka! Muve ku ndowooza zammwe ez'Ekimesodisiti, n'ez'Ekibaputisiti, n'ez'Ekipulesibiteriyani; n'ez'Ekipentekoote, n'ez'aba Assemblies, n'ez'enzikiriza y'Obwannamunigina, n'ez'enzikiriza y'Obusatu, n'ez'enzikiriza y'Obutaano, n'endala zonna; ez'enzikiriza y'abeeyita ekkanisa ya Katonda, ez'Abanazaliini, ez'enzikiriza ya ba Pilgrim Holiness, ez'enzikiriza y'abeeyita ekkanisa ya Kristo, n'enzikiriza zonna ez'omulabe wa Kristo! Ate kino bwe nkyogera bwenti nkiraba nga kirumbagana nsi yonna. Enzikiriza ezo zonna nkyamu; zonna za ssetaani. Ha, bannange! Mu buli emu ku zo mulimu abantu abatya Katonda. Mu buli kimu ku bisinde ebyo eby'enzikiriza ezo mulimu abantu abatya Katonda. Naye ekibiina ky'enzikiriza, kyo nga kyo, si kya Katonda, era Katonda talikiwa mukisa. Takikolangako.

134 Mbuuza munnabyafaayo yenna (mmanyi olutambi luno muliwuliriza) mumpandiikire ebbaluwa mumbuulire buli mulundi, ekkanisa lwe yeekolamu ekibiina ky'eddiini, oba

Katonda teyagyabuliranga obutaddamu kukolagana nayo. Mumbuulire ddi lwe Yaddamu n'asitula Abaluzalaani, oba abagoberezi ba Wesley n'Abamesodisiti, oba Abapentekoote. Takikolangako! Ekibiina ekyo kyakwamiranga awo, ne kigongobala n'okuvunda ne kivunda! Katonda yeerobozangayo abantu bassekinoomu ne bagezaako okusongera abantu okubazzaayo ku butaka bwabwe. Naye era, abantu abo bassekinoomu baanafuwanga ne bafuuka ba lugoojaamye, olw'okufunayo ka ddiguli ak'engeri emu oba endala, okutuusa lwe baakolanga ekibiina ky'eddiini ekirala, ne bafuula abantu abaana ba ggeyeena emirundi ebiri okusinga ne bwe baali mu kusooka.

135 Naye, awantu awamu, mazima ddala, Yakuwa alinayo omusajja gwe Yeekakasa, atekkiriranye na bi . . .-tatya Katonda, na kibiina kya buntu ekitatya Katonda; anaakyusa abantu okubazzaayo ku Lwazi, Kristo Yesu, baddeyo ku pentekoote eri eyasooka n'eri Omwoyo Omutukuvu oli nnakabala, babeere n'obubonero buli nnakabala wamu n'ebyewuunyo biri nnakabala. Mazima ddala omusajja bw'atyo Alina w'amulina, awantu awamu, oyo ataatendewalirwe ne bw'anaayita mu kuyigganyizibwa okw'engeri yonna, oba agoberwa ebweru, oba asazibwamu nti takyali mubuulizi, oba bamweyawulako, n'ebirala byonna; anaasigala nga akyakinywereddeko.

Katonda tawa Isiraeri mukisa okutuusa nga bazzeeyo mu nsi yaabwe.

136 Katonda talikuwa mukisa nga okyali, Mumesodisiti, Mubaputisiti, Mupulesibeteriyani, Mukatuliki, oba wa nzikiriza y'aba Pilgrim Holiness, oba Munazaliini, oba wa nzikiriza ya kkanisa ya Kristo, oba—oba wa kibiina ky'Abapentekoote. Talikuwa mukisa nga oli bw'otyo. Komawo ku butaka, ku ntandikwa, ddayo ku bumanyirivu obwa pentekoote nga bwe kyali ku Lunaku lwa Pentekoote Amaanyi ga Katonda omulamu lwe gaakyusa enkumi n'enkumi z'abantu abo, ne gakoleeza emitima gyabwe n'Omuliro gwa Katonda, ekyayolesa obubonero obwa nnamaddala; so si obubonero obugeegeenye obugeegeenya, si kusoma ndowooza z'abantu okujingiriddwa obujingirirwa, si kukiina okw'engeri emu, ebikomekkereereza mu kuvuganya ku ani asinga amaanyi n'ettutumu nga kwe tulina wano mu Amerika. "Ani asobola okusimba weema esingayo okuba ennene?" Oba "Ani asobola okukuŋŋaanya abantu abasinga obungi?" Ekyo kikola makulu ki eri Katonda? Katonda abantu abaagaza kubeera beesimbu mu mitima gyabwe, so tayagala bibinja binene bunene. Naye ffenna tuli mu kuvuganya ku ani asinga wano, twefubiridde tuvuganya. Nga kya buswavu, tuli mu kulaba oba nga tusobola okwongerako abantu abalala lukumi ku kibiina kyaffe. Kya buswavu nnyo. Ayagala tuddeyo ku Mazima, tuddeyo eri Omwoyo, tuddeyo eri Omusana omutuufu, tuddeyo mu kkubo ettuufu mu Kristo, tuddeyo ku Mazima. Nga

Ayinza atya okutuwa omukisa mu ngeri gye tutambulamu? Tajja kukikola.

137 Isiraeri Teyabawa mukisa okutuusa lwe baakomawo mu nsi ensuubize. Era bwe baakomawo mu nsi ensuubize, obubonero n'ebyewuunyo ne bitandika okubaawo. Yabatumira omusajja n'ajja gye bali, ayitibwa Musa. Musa bwe yakka yajja na ki, yajja na kubangulwa kwa njigiriza ya ttendekero lya ddiini? Yajjako ne ddiguli ya Bachelor of Art? Yajjako ne ddiguli ya LL.D., oba eya Ph.D.? Yajja na maanyi ga Yakuwa, wamu n'obubaka obugamba nti, "Mufulume, muve mu nsi eno, muddeeyo mu nsi yammwe. Mukomeewo, Mmwe mwenna abaasaasaana, mudde ewammwe." Amiina!

138 Kyenkana kati okumala emyaka enkumi bbiri, Abayudaaya babadde baava mu nsi yaabwe, nga baasaasaanyizibwa eri empewo ennya ez'ensi. Kati nga kyanditwetaagisizza okulwa ku Bubaka buno bwe bumu okumala wiiki eziwerako, singa tubadde ba kubuyingira mu buziba. Tusobola okulondoola Isiraeri okuviira ddala emabega eri ne tulaga we baasaasaanyizibwa Obwakabaka bwa Rooma, bwe baagaana Masiya; nga bwe baasaasaanyizibwa ne basaasaanira mu buli ggwanga wansi w'Eggulu.

Twandizzeeyo emabega ne tulaba ku Yakobo, Isiraeri, eri mu Lubereberye essula ey'a 44 n'eya 45, ne tulaga okuva awo nga bwe yawa abakadde abo omukisa n'abategeeza wennyininnyini we balibeera mu biro eby'enkomerero. Era nsobola okubalaga wennyininnyini (buli ggwanga) lya Isiraeri, buli kika kya Isiraeri, nga biri mu mawanga gennyini gye kyayogerwa nti gye biribeera. Ate tuutuno wano leero.

139 Gwe tumanyi nga Omuyudaaya, si ye Muyudaaya yennyini. Omuyudaaya omutuufu ye Musoddokisi oli ddala yennyini ateeyonoonye na bintu bya nsi, atagenze kwegatta ku makanisa malala. Abo be bali mu kuddayo, babeerawo nga balya muzigo na mugaati, eyo mu busozi, nga tebakkirizibwa kuyingira mu kibuga ekikadde. Abo be baazimbira ekibuga ku ludda luno eno, mu ttaka eritaalina nnyini lyo, awaali emmundu zi sseruwandula masasi nga zisonze eruuyi n'eruuyi. Naye kati atandise okutojjera. Amiina, era amiina! Ekiseera kituuse.

140 Weewaawo waliwo Isimayiri ne Isaaka, nga bali awo, balwanagana olw'ekitundu ekyo, naye, ekitundu ekyo kya Isiraeri. Ssinga ofuna akakisa n'ogendako mu Yerusaalemi omupya, tebajja kukukkiriza kuyingira mu Yerusaalemi omukadde. Olina kusooka kugenda eri ne bakunnyonnyola buli kimu kyonna, Abawalabu, olwo ne balyoka bakutwala ku ludda luli olulala. Abo be baana ba Isimayiri. Naye, mmwe mulindeeko, ekiseera kijja abaana ba Katonda lwe banaakyezza. Ddala bwe kiri. Yerusaalemi kiriddamu nate ne kizimbibwa. Ssaddaaka eya buli lunaku erizzibwawo.

Era omulabe wa Kristo alikola nabo endagaano mu wiiki ezo omusanvu ezisembayo. Ate mu makkati gaayo, endagaano eyo aligimenya, n'abakyusa bonna n'abazza eri Obukatuliki. Eky'omuzizo kiribuutikira ekintu kyonna, mu ngeri eyo, olwo enkomerero n'eryoka ebaawo.

141 Mwekkaanye, "wiiki nsanvu." Weewaawo, kati kyenkana baakamala emyaka enkumi bbiri nga bawaŋŋangusiddwa; baawaŋŋangusibwa ne basaasaana, abantu baabwe; nga bwe kyali mu kukakanyazibwa kw'omutima gwa Falaawo, Yalina okukakanyaza omutima gwa Hitler. Obukadde n'obukadde ku bo baafa. Mulabe omusajja ono ayitibwa Eichmann, eyasingisibwa omusango gw'okutta Abayudaaya obukadde mukaaga. Abayudaaya obukadde mukaaga, emeeme z'abantu, abaana abawere, abaana abato, abantu abakulu, nga bonna battibwa; omusajja ono omu bwati, ayitibwa Eichmann. Mulabe Russia, engeri gye yabasindiikiriza obutatwalibwa waayo. Baagobebwa buli wamu. Baali ggwanga erinyoomebwa.

142 Naye olw'okwagala ssente zaabwe, baakomawo nate. Naye kati abo abatono bali mu kuddayo mu Palesitayini. Amiina, ab'oluganda! Bwe mubalaba nga batandise okuddayo mu nsi yaabwe!

143 Kati mu kiseera kino bawerayo abasobola okuweza omuwendo guli ogw'emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya. Era kiki ekigenda mu maaso? Yusufu waabwe bajja kumutegeera. Temweraliikirira. Yee, ssebo. Era bonna bali eyo balirindiridde lwe kirituukirira. Era essaawa yennyini lwe . . .

144 Amawanga gaabalangirira okubeera eggwanga eryetongodde, omwaka guno oguwedde. Ekyo bwe kibaawo, kitegeeza tusemberedde enkomerero, ekiseera ky'Ekkanisa y'Ab'amawanga kibeera kiweddeko. Kyenkana, akaseera konna konna okuva kati, Katonda yandyogera nti, "Isiraeri bantu Bange." Ekyo oluba okubaawo kiti, eby'Ab'amawanga bibeera bikomye.

145 "Balirinnyirira," bw'atyo Yesu bwe yayogera, mu Matayo 24. "Eky'omuzizo ekizikiriza, balirinnyirira ebisenge bya Yerusaalemi okutuusa nga ekiseera ky'ebiro by'Ab'amawanga kiweddeko." Ekiseera ekyo bwe kiriba kiweddeko, olwo Abayudaaya baliddayo mu Yerusaalemi, okuzimba nate yeekaalu n'okuzzaawo okusinza kw'omu yeekaalu. Ebyo byonna tujja kubiraba mu Bubaka obulala obunaddirira, wiiki ensanvu ezirimu ebigendererwa omukaaga.

Kati ekyo ŋŋenda kukisoma nga sinnaggalawo, kubanga essaawa zaffe ez'okudda eka zijja kuba zinaatera okutuuka, ate oluvannyuma tukomewo nate akawungeezi ku ssaawa emu.

146 Ekisooka, ekisooka, bwe muba nga mubiwandiika, "Okukomya okusobya." Danyeri, essuula ey'o 9, olunyiriri olwa 24. "Okukomya okusobya," kye kisooka. "Okumalawo

okwonoona," kya kubiri. "Okutabaganya olw'obutali butuukirivu," kyakusatu. "Okuyingiza obutuukirivu obw'olubeerera," kyakuna. "Okussa akabonero ku ebyo ebyayolesebwa ne ku ebyo ebyalagulwa," kyakutaano. "Okufuka amafuta ku ekyo ekisinga Obutukuvu," kyamukaaga. Era ebyo bye tujja okwogerako akawungeezi ka leero. Katonda, nga akituukiriza!

147 Kati mulindeeko, leka mbiddemu buto, musobole okubifuna obulungi. Ekisooka, "okukomya okusobya." Eky'okubiri, "okumalawo okwonoona." Eky'okusatu, "okutabaganya olw'obutali butuukirivu." Eky'okuna, "okuyingiza obutuukirivu obw'olubeerera." Eky'okutaano, "okussa akabonero ku ebyo ebyayolesebwa ne ku ebyo ebyalagulwa." Eky'omukaaga, "okufuka amafuta ku ekyo ekisinga Obutukuvu."

Kati leka mbibasomere, okuva mu—okuva mu Bayibuli. Olunyiriri olwa 24.

> *Sabbiiti* . . . sanvu *ziragiddwa abantu bo* (Abayudaaya) *n'ekibuga kyo ekitukuvu—ekitukuvu* (Isiraeri, Abayudaaya, Yerusaalemi), *okukomya* . . . okwonoona (kimu), . . . *okumalawo okusobya* (bibiri), . . . okukola *okutabaganya olw'obutali butuukirivu* (bisatu), . . . *okuyingiza obutuukirivu obutaliggwaawo* (bina), *n'okussa akabonero ku ebyo ebyayolesebwa* (bitaano)—*ebyayolesebwa ne ku ebyo ebyalagulwa, n'okufuka amafuta ku ekyo ekisinga Obutukuvu* (mukaaga).

148 By'ebyo byennyini bye Yajja okumutegeeza, ebyali birina okukolebwa, oluvannyuma enkomerero ebeewo.

149 Kati, akawungeezi ka leero tujja kutegeera ebintu ebyo kye biri, tulabe na butya bwe tusemberedde okubituukako. Ate olwo ku Ssande ejja, tuleete ebiseera bino ebyogerwako tulage wa wennyininnyini we tuli. Mmwagala.

150 Isiraeri nga baddayo mu nsi yaabwe, Isiraeri. Kino leka njogere kaakano nga bwe . . . Leka ndowooze nti tekikwatibwa ku lutambi. Kino leka nkyogere. Essaawa y'emu yennyini Isiraeri lwe yafuuka eggwanga eryetongodde . . . Eno y'ensonga lwaki mbaddenga nzikiriza, kino nkyogera eri ekibiina kyange kino kye njigiriza, nti nnina ekitundu kye nnina okukola, nga sinnafa, eky'okuzzaayo Isiraeri eri Mukama. Eri nti, mu ssaawa y'emu yennyini, okusinziira ku byakubibwa ku kipande kya Pan American, Isiraeri lwe yalangirirwa okuba eggwanga eryetongodde, omulundi ogwasookera ddala mu bbanga ery'emyaka enkumi bbiri kasookedde basaasaana, nga tebakyatwalibwa nga bantu; y'essaawa y'emu yennyini, ddala ddala, Malayika wa Mukama lwe yansisinkana engulu eri n'antuma okugenda eri . . . n'Enjiri. Ekintu ky'ekimu kyennyini, Maayi nga 7, 1946.

151 Kaakati, ate, n'ekintu ekirala ekindeetera ekyo okukimanya. Kwe "kuzzaayo emitima gy'abaana eri bakitaabwe, n'emitima gya bakitaabwe eri abaana," Obubaka. Mwekkaanye, Malaki 4 (si 3), wabula 4!

152 Ekintu ekirala. Billy, mutabani wange, nange, wamu n'Ow'oluganda Ern Baxter, bwe twali mu lugendo okugenda e Palesitayini, oluvannyuma lw'okusisinkana Abayudaaya ewaka w'Ow'oluganda Arganbright, nga bamaze n'okulaba ebyali mu lukuŋŋaana. Lewi Pethrus yali abaweerezza Bayibuli zino. N'agamba nti . . . Abayudaaya bano bajja, ne bagamba nti, "Singa onaakuŋŋaanya ekibinja ky'abakulembeze ba Isiraeri, sitegeeza, bano ba Labbi abapya n'emikolo gyabwe gye bakola, naye n'okuŋŋaanya wamu abakulembeze ba Isiraeri bali ddala bennyini. Kati ffe weewaawo Endagaano eno Empya tugisomye, era tukimanyi nti Masiya bw'alijja, Alitubuulira ebintu bino, nga bwe kyali ku mukazi oli ow'e Samaliya. Tumanyi nga Musa yagamba nti Masiya waffe aliba nnabbi. Kale bw'onaababuulira era n'obalaga, okusinziira ku Byawandiikibwa," ekyo kye tugenda okwogerako mu Bubaka bw'akawungeezi k'olwa leero, "nti baalina okuzibibwa amaaso n'emitima gyabwe gisalibweko, ekiseera ky'Ab'amawanga kisobole okuyingizibwamu, tusobole okuba n'ekiseera eky'okutabaganyizibwa kw'Ab'amawanga. Era n'obalaga nti emitima gyabwe gyakakanyazibwa mu ngeri y'emu ddala nga bwe kyali mu nnaku za Yusufu, n'abalala. Bw'omala ekyo okuŋŋaanye Abayudaaya abo babeere mu kifo kimu, oyiteyo abasajja abo okuva mu kibiina ekyo, nga bw'okikola wano eno eri Ab'amawanga bano, nga okozesebwa Omwoyo. Kubanga," ne bagamba nti, "Yesu ono bw'aba, bw'Aba nga ddala ye Masiya, era nga ebigambo byo ddala bituufu, kitegeeza Si mufu, naye Mulamu. Era bw'Aba nga mulamu, Yasuubiza okuba mu . . . Be mu muweere- . . . mu muweereza We—mu baweereza be, abayigirizwa Be. Na bwe kityo ssinga tunaamulaba nga Akola akabonero ka nnabbi, olwo tujja kukkiriza nti Ye Masiya."

Nga kintu ddala eky'ensonga, mazima ddala. Kati ekyo singa kibaawo, kiki kye kyandikoze? Eggwanga lyandizaaliddwa mu lunaku lumu bwe luti, okuva mu bakulembeze. Buli omu ku bo yandigambye nti, "Tukimanyi." Ate labbi oyo ekyo kasita akyogera, kiba kimala. Eggwanga lyandizaaliddwa mu lunaku lumu bwe luti. Isiraeri yandizaaliddwa mu lunaku lumu bwe luti.

153 Kati nnali mu lugendo nga ŋŋendayo, naye ne nnyimirizibwa nga ndi e Cairo, mu Misiri, nga ne ttikiti yange ngirina mu ngalo, nga wabulayo eddakiika nga kkumi na ttaano oba abiri zokka batuyite. Baali banaatera okutuyita. Ne ntambulamukko ne ŋŋenda okubaako akafaananyi k'omuti ogw'ekika kya ebony ke ndaba, akaali kaawoolebwamu akayovu, nga kaliko na—n'amasanga g'enjovu. Nnali ŋŋenda kukasindikira mukwano gwange omusawo, ayitibwa Dokita Sam Adair, akakozesenga

okukatuuza ku mpapula zireme okutwalibwa empewo. Era nnali nkyakekkaanya. Ne wabaawo Ekyogera gyendi ne kiŋŋamba nti, "Kino si kye kiseera. Palesitayini gyesonyiwe."

154 Muli ne ŋŋamba nti, "Ebyo ndabika nze mbirowoozezza mu nze." Ne nneeyongerayo.

Ekintu ne kyogera nti, "Kino si kye kiseera."

155 Ne nfuluma ne ŋŋenda emabega w'ekifo mwe basimba ennyonyi. Ne nsitula omutwe gwange eri Katonda. Ne ŋŋamba nti, "Ayi Katonda, ekyo ekibadde kyogera nange abadde Ggwe?"

156 N'anziramu nti, "Kino si kye kiseera. Weesonyiwe Palesitayini. Ekiseera kyayo si kye kino." Bwentyo ne nkwata ttikiti yange ne ngikyusa, ne nvaayo ne mpitira e Rooma, ne nzira e Lisbon, mu Portugal, okuva eyo ne nkomawo mu Amerika.

157 Ekiseera kyali tekinnatuuka. Obutali butuukirivu bw'Ab'amawanga tebunnajjula, kutuuka ku mugo gwa kikompe. Naye lumu ekyo kiribaawo, era Katonda alibaako omuntu gw'aweerezaayo nga nnabbi, era alikikakasa gye bali. Nzikiriza nga Katonda ajja kumusitula mu bwangu ddala omuntu oyo, kyonna ky'ali, ekyo kijja kumusitula mu bwangu ddala. Nzikiriza nga kirina okubaawo. Eyo y'ensonga lwaki tuli mu kuyiga ku kino, kukiraba nti tusemberedde nnyo ddala.

158 Ate, mujjukire nti, akaseera kennyini Abayudaaya mwe bafunira Kristo, Ekkanisa y'Ab'amawanga ebeera egenze. Okuva awo Ab'amawanga bafukibwako ebibonyoobonyo ebya buli ngeri, ne wabaawo Ekibonyoobonyo.

159 Kati—kati ddala abasajja bayinza batya, abayigiriza ab'amaanyi bayigiriza batya nti, oluvannyuma lw'okwekkaanya Bayibuli eno mu ngeri eno, bayigiriza batya ne bagamba nti Ekkanisa eyita mu kiseera eky'Ekibonyoobonyo, nga tewali Kyawandiikibwa yadde ekimu kiti mu Bayibuli ekyogera kityo! Tebakirina ka kibeere ekimu bwe kiti.

160 Omusajja omu yaŋŋamba, gye buvuddeko, nti, "O, Mwannyinaffe McPherson yayigiriza n'agamba nti Ekkanisa ejja kuyita mu Kibonyoobonyo, kubanga tuliba bitangaala ebyakaayakana mu kiseera ekyo." Eyo eriba Isiraeri mu kiseera ekyo, so si B'amawanga.

Ab'amawanga baliba bamaze okugenda, Ekkanisa. Tebalina kuyita mu Kibonyoobonyo. "Ogusota gwawandula amazzi okuva mu kamwa kaagwo," essuula ey'e 17, "ne gulwana n'abaasigalawo," embeerera enneebafu. Si. . . Ekkanisa yennyini yo nga yagenda dda. Eri ku Kijjulo kya Mbaga ey'obugole mu zino, mu kiseera Ekijjulo ky'Embaga ey'obugole we kiriba kigenda mu maaso, mu wiiki esembayo. Era ekyo kye kiseera Ekibonyoobonyo we kitandikira, enzige n'okuyigganyizibwa we bijjira eri amakanisa, ebintu nga ebyo.

Ate oluvannyuma, ku nkomerero, mu ssuula ey'e 19, Omugole n'ajja ne Bba. Aleeruuya! "Kabaka wa bakabaka, era Mukama w'abaami; nga ekyambalo ky'ayambadde kinnyikidde Omusaayi, n'eggye ery'omu Ggulu nga lyebagadde embalaasi enjeru, nga lijja Naye. Wuuyo Omugole nga ajja, okutwala ekifo Kye mu kufuga okw'Emyaka olukumi. Amiina! O!

Lyebazibwenga Erinnya eryo, o,
lyebazibwenga Erinnya eryo,
Lyebazibwenga Erinnya lya Mukama waffe;
Lyebazibwenga Erinnya eryo, o,
lyebazibwenga Erinnya eryo,
Lyebazibwenga Erinnya lya Mukama waffe.

Yesu ly'Erinnya, Yesu ly'erinnya,
Yesu ly'Erinnya lya Mukama waffe;
Yesu ly'Erinnya, o, Yesu ly'erinnya,
Yesu ly'Erinnya lya Mukama waffe;

Gulumizanga Erinnya Lye, o, gulumizanga
Erinnya Lye,
O, gulumizanga Erinnya lya Mukama waffe;
Gulumizanga Erinnya eryo, o, gulumizanga
Erinnya eryo,
Gulumizanga Erinnya lya Mukama waffe.

161 Okikola otya? Olifuula kkulu era ery'ekitalo mu bulamu bwo. Otambulira mu bulamu bwe basobola okwogerako ne bagamba nti, "Oyo nno muweereza wa Kristo." Erinnya eryo bw'otyo bw'oligulumiza. Leka tulabe. O, temumwagala? O, bannange! Kaakano akayimba kaffe:

Edda ennyo mu mmanvu, mmanyi nga ddala
bwe kityo bwe kyali,
Nti waaliwo Omwana eyazaalibwa okulokola
abantu okuva mu bibi byabwe.
Yokaana yamulaba ku lubalama, Omwana
gw'endiga abeerera emirembe gyonna,

Omwana gw'endiga ogwo n'Obubonero buli Omusanvu, yali Omu yekka mu Ggulu ne ku nsi eyali asobola okukitoola.

Edda ennyo mu mmanvu—mu mmanvu,
mmanyi nga ddala bwe kityo bwe kyali,
Nti waaliwo Omwana eyazaalibwa okulokola
abantu okuva mu bibi byabwe.
Yokaana yamulaba ku lubalama, Omwana
gw'endiga abeerera emirembe gyonna,
O, lyebazibwenga Erinnya lya Mukama waffe.

O, lyebazibwenga Erinnya eryo, o,
lyebazibwenga Erinnya eryo,
Lyebazibwenga Erinnya lya Mukama waffe;

Lyebazibwenga Erinnya eryo, lyebazibwenga Erinnya eryo,
Lyebazibwenga Erinnya lya Mukama waffe.

162 Njagala nnyo okusinza. Ate mmwe? Kati, tetujja ku kkanisa kuwulira buwulizi bubaka bubuulirwa; obubaka obwo nabwo kimu ku bituleeta. Naye tujja mu kkanisa okusinza, okusinza mu Mwoyo ne mu Mazima. Amazima mugawulidde, nga kye Kigambo. Mukiraba? Kaakati, okusinza, kwe kumulaga bw'owulira. Mukiraba?

O, Njagala Nnyo Omusajja Oyo Ow'e Ggaliraaya, tuwe eddoboozi ly'oluyimba olwo. Yee, ssebo. Olumanyi, Teddy? Ndwerabiddemukko. Leka tulabe. Leka tulabe.

O, njagala nnyo Omusajja oyo ow'e Ggaliraaya, ow'e Ggaliraaya,
Kubanga by'Ankoledde tebirojjeka.
Yansonyiwa ebibi byange byonna, n'ampa Omwoyo Omutukuvu munda yange;
O, njagala nnyo, nnyini Omusajja oyo ow'e Ggaliraaya.

Lumu omuwooza w'omusolo yagenda okusaba mu yeekaalu,
N'akaaba nti, "Ayi Mukama, onkwatirwe ekisa!"
N'asonyiyibwa ebibi bye byonna, era emirembe egitenkanika ne giyingira mu mmeeme ye;
Bwe yava awo n'ayita n'agamba nti, "Mujje mulabe Omusajja ono ow'e Ggaliraaya."

O, njagala nnyo Omusajja oyo ow'e Ggaliraaya, ow'e Ggaliraaya,
Kubanga by'Ankoledde tebirojjeka.
Yansonyiwa ebibi byange byonna, n'ampa Omwoyo Omutukuvu munda yange;
O, njagala nnyo, nnyini Omusajja oyo ow'e Ggaliraaya.

Omulema yatambula, ne kasiru n'ayogera,
Era amaanyi ago ge gamu gaayogerwa n'okwagala ku nnyanja;
Omuzibe yalaba, era mmanyi nti kyali kisoboka kukolebwa
Maanyi ga Musajja Oyo ow'e Ggaliraaya gokka.

O, njagala Omusajja oyo ow'e Ggaliraaya, ow'e Ggaliraaya,
Kubanga by'Ankoledde tebirojjeka.

Yansonyiwa ebibi byange byonna, n'ampa
Omwoyo Omutukuvu munda yange;
O, njagala nnyo, nnyini Omusajja oyo ow'e
Ggaliraaya.

Muwulirize ekitundu kino:

Omukazi oli eyali ku luzzi, Yamubuulira ebibi
bye byonna,
Nga bwe yalina abasajja abataano mu kaseera
ako. (Y'Oyo.)
Omukazi oyo ebibi bye byonna
byamusonyiyibwa, emirembe egitenkanika
ne giyingira munda mu mmeeme ye;
N'aleekaana n'agamba nti, "Mujje mulabe
Omusajja ono ow'e Ggaliraaya!"

O, njagala nnyo Omusajja oyo ow'e Ggaliraaya,
ow'e Ggaliraaya,
Kubanga by'Ankoledde tebirojjeka.
Yansonyiwa ebibi byange byonna, n'ampa
Omwoyo Omutukuvu munda yange.
O, njagala nnyo, njagala Omusajja oyo ow'e
Ggaliraaya.

Mmwagala nnyo. Mmwe temumwagala? Mmwagala n'omutima gwange gwonna! Mmwe si bwe mumwagala? Ssi mulungi?

O, wa kitalo, wa kitalo, Yesu wa kitalo gyendi,
(Ye Ani?)
Y'oyo Ateesa ebigambo, Omulangira
ow'Emirembe, Ye Katonda ow'Amaanyi;
O, yandokola, era ankuuma obutagwa mu kibi
na nsonyi,
Wa kitalo oyo Omununuzi wange, Erinnya Lye
litenderezebwe!

Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe tukirowoozeeko.

Lumu nnali nnabula, naye kaakano
nnazaawulwa, ssiriiko kunenyezebwa
kwonna, (Oba amawanga gasasika;
sifuddeeyo.)
Yesu awa eddembe wamu n'obulokozi
obujjuvu;
Andokola, era Ankuuma obutagwa mu kibi na
nsonyi,
Wa kitalo oyo Omununuzi wange, Erinnya Lye
litenderezebwe!

O, wa kitalo, wa kitalo, Yesu wa kitalo gyendi,
Oyo ateesa ebigambo, Omulangira ow'Emirembe, Ye Katonda ow'Amaanyi;
O, yandokola, era ankuuma obutagwa mu kibi na nsonyi,
Wa kitalo oyo Omununuzi wange, Erinnya Lye litenderezebwe!

O, kirowoozeko!

Lumu nnali nnabula, naye kaakano nnazaawulwa, ssiriiko kunenyezebwa kwonna,
Yesu awa eddembe wamu n'obulokozi obujjuvu;
Andokola, (Akola ki?) n'ankuuma obutagwa mu kibi na nsonyi, (Mbiseeyeeyeza waggulu.)
O, wa kitalo oyo Omununuzi wange, Erinnya Lye litenderezebwe!

Kati ffenna wamu!

O, wa kitalo, wa kitalo, Yesu wa kitalo gyendi,
Oyo ateesa ebigambo, Omulangira ow'Emirembe, Ye Katonda ow'Amaanyi;
Kubanga, yandokola, era ankuuma obutagwa mu kibi na nsonyi,
Wa kitalo oyo Omununuzi wange, Erinnya Lye litenderezebwe!

O, nga Yesu mmwagala nnyo, (Ekitiibwa!)
O, nga mmwagala nnyo . . .

Ndi musanyufu nnyo okuba nti nnalokolebwa! Ndi musanyufu nnyo okuba nti nnindiridde Kujja Kwe!

O, nga Yesu mmwagala nnyo,
Kubanga Ye yasooka okunjagala.

Kaakano tuluyimbe nga emikono gyaffe tugiyimusizza waggulu, bwe tuba nga ddala tukitegeeza.

Ssirimwabulira,
Ssirimwabulira,
Ssirimwabulira,
Kubanga Ye yasooka okunjagala.

163 Mumwagala? [Ekibiina kiddamu nti, "Weewaawo."—Omuk.] Kati nno mulina okwagalana. Kubanga, bw'otayagala abo b'olabako n'amaaso go wano, oyinza otya okwagala Oyo gw'otalabangako? Leka tukwataganeko mu ngalo, nga bwe tugamba nti:

O, nga Yesu mmwagala nnyo,
O, nga Yesu mmwagala nnyo,
O, nga Yesu mmwagala nnyo,
Kubanga Ye yasooka okunjagala.

Ssiri . . .

Yimusa emikono gyo gy'Ali kaakano. Ky'ekyo.

. . . mwabulira,
Ssirimwabulira,
Ssirimwabulira,
Kubanga Ye yasooka okunjagala.

164 Mukirowoozeeko, Atuwadde okutegeera okubikkulirwa okwo okukulu obwenkanidde awo. Tetumwagala? Si Wa kitalo nnyo? Nga twesiimye nnyo olwa Mukama waffe Yesu; atalitwabulira. "Laba, Ndi wamu nammwe bulijjo, okutuusa ne . . ." *Wiiki za Danyeri Ensanvu* zibanyumira? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Oh, tetumwagala nnyo? Kikola kitya?

Okukkiriza kwange kutunuulidde Ggwe,
Gwe Omwana gw'endiga ow'e Kalivaaliyo,
Omulokozi . . .

Musinze, okuva mu mutima gwo.

Mpulira kaakano nga nsaba,
Jjawo ebibi byange byonna,
O nnyamba okuva olwa leero
Mbeerere ddala Wuwo!

Nga bwe ntambula nga mpita mu kizikiza eky'obulamu, (Ffenna tukiyitamu.)
Nga ennyiike enneetoloodde wonna, (Weewaawo, ayi Mukama.)
Nkusaba beera Omuluŋŋamya wange; (Nnuŋŋamya okimpiseemu, ayi Mukama!)

O, lagira ekizikiza kifuuke emisana,
Sangulawo amaziga gonna ag'ennaku,
Era toŋŋanyanga okuwaba
Okukuvaako.

[Ow'oluganda Branham amuumuunya oluyimba olwo *Okukkiriza Kwange Kutunuulidde Ggwe*—Omuk.]

Ompe amaanyi eri omutima gwange ogutendewererwa,
Ozze buggya okunyiikira kwange;
Lagira ekizikiza kifuuke emisana,
Sangulawo okutya kwange kwonna,
O nzikiriza okuva olwa leero
Mbeerere ddala Wuwo!

165 Ayi Yesu, tukiraba nti waliwo kye tusemberedde. Isaaya nnabbi yali yakyogerako; Yeremiya yakyogerako. Danyeri yanoonyereza mu ebyo ebyaliwo n'alaba bye baayogera. Kyaleetera omutima gwe okusiikuulwa, na—n'ayimusa amaaso ge eri Eggulu. N'asiiba, nga ayambadde ebibukutu n'okwesiiga evvu. Nga ayagala okuwulira, asobole okulabula abantu.

166 Mukama, naffe, tulaba okusinziira ku Bitabo, Ekitabo Kyo, Ekitabo kya Isaaya, Ekitabo kya Yeremiya, Ekitabo kya Yakobo, ekya Yokaana, ekya Lukka, ekya Makko, ekya Matayo, Ekitabo ky'Okubikkulirwa, Ebitabo Byo byonna, nti tusemberedde enkomerero. Era tuyimusizza amaaso gaffe eri Eggulu, mu kusaba, n'okwegayirira, okuzuula ekiseera mwe tuli, ayi Mukama. Tulaba nga obudde bugenda busaasaana. Era, ayi Mukama, tujja gy'Oli. Okukkiriza kwaffe kutunuulidde Ggwe kaakano. Nga tuteeka ku bbali buli ekizitowa kyonna, na buli kibi, na buli butakkiriza obw'engeri yonna obwandituteze amangu, tufuba kaakano okutuuka wali awawakanirwa aw'okuyitibwa okwa waggulu, nga tumanyi nti obudde busigadde butono ddala.

167 Wa omukisa abantu bano abali munda wano, ayi Mukama. Bakwagala. Babo. Baafulumayo. Ye Ggwe akola ogw'okutubikkulira. Tukusaba ebintu bino Obituwe nga bwe tukulindiridde.

168 Tuwe olw'eggulo olulungi olw'okuyiga, ayi Mukama. Tuwe okutegeera. Tukomyewo nate akawungeezi, nga tuzziddwa buggya. Ayi Mukama, nfukako amafuta olw'eggulo lwa leero, o, nga bwe nsoma, ayi Mukama, ku nsonga zino omukaaga ez'okukyala kwa Gabulyeri. Gabulyeri bw'aba yajja okukyala era n'aleka ensonga mukaaga, Mukama, kitukakatako okuzimanya. Tusoma okusinziira ku Bitabo era tumanyi nga tuli kumpi ddala. Na bwe kityo tukusaba Ozitubikkulire akawungeezi k'olwa leero.

169 Ssande ejja, ayi Mukama, Ayi Katonda, tunnyonnyole ebiro ennaku ezo mwe zibeererawo. Simanyi bwe nnyinza kuzinnyonnyola, naye Ggwe osobola okutubikkulira ebiseera byennyini ddala mwe zituukiririra. Kitukolere, Kitaffe. Tutunuulidde Ggwe. Twagalana era Omusaayi gwa Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, gutulongoosezza ne gutuggyako ekibi kyonna. Kaakano tutunuulidde Ggwe. Tuyambe nga bwe tukulindirira, ayi Kitaffe, okuyita mu Yesu Mukama waffe.

Ebiragiro Bya Gabulyeri Eri Danyeri LUG61-0730M

(Gabriel's Instructions To Daniel)

Obubaka Ku Wiiki Ensanvu eza Danyeri Obuddiriŋŋana

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande ku makya, nga 30 Jjulaayi, 1961, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org